Oyanirizibwa mu Nnaku Ekkumi ez'Okusaba 2022! Tukkiriza nti okusaba ly'ezzaaliro ly'okudda obuggya. Katonda akoze eby'amagero bingi mu myaka egiyise nga tumunoonyeza wamu mu kusaba n'okusiiba. Omwoyo Omutukuvu aleeseewo okukyuusibwa, okwagala okubunyisa enjiri, ekkanisa ezizziddwa ibugya, wamu n'enkolagana ezijjanjabiddwa.

Eddoboozi lya Katonda libaddenga likuyita okudda obuggya? Bayibuli ejjudde ebisuubizo gy'oli:

"Abantu bange abatuumiddwa erinnya lyange bwe baneetaowazanga ne basaba ne banoonya amaaso gange ne bakyuka okuleka amakubo gaabwe amabi; kale naawuliranga nga nnyima mu ggulu ne nsonyiwa okwonoona kwabwe ne mponya ensi yaabwe" (2 Ebyomumirembe 7:14).
"Era mulinnoonya ne mundaba, bwe mulinkenneenya n'omutima gwammwe gwonna" (Yeremiya 29:13).
"Awo olulituuka buli alisaba erinnya lya Mukama alirokoka" (Yoweeri 2:32).
"Musembererenga Katonda, naye anaabasembereranga mmwe" (Yakobo 4:8).
"Laba, nnyimiridde ku luggi, nneeyanjula: omuntu yenna bw'awulira eddoboozi lyange, n'aggulawo oluggi, nnaayingira gy'ali, era nnaaliira wamu naye, naye nange" (Okubikkulirwa 3:20).

Wonna w'oli mu bulamu essaawa eno, Katonda ali kumpi nnyo okusinga bw'okirowooza. Ayagala okugonnomola emikisa Gye ku maka go, ekkanisa yo, ekitundu mw'oli, n'ensi mw'obeera. Twegatteko mu kwanukulira okuyita kwa bamalayika abasatu mu nsonga y'okusaba.

Ensonga ez'Okutunuulira mu Nnaku Ekkumi ez'Okusaba

Endagiriro z'Okusaba Buli Lunaku

Tutegeseewo endagiriro y'okusaba eya buli lunaku mu nnaku ekkumi. Buli ndagiriro erimu Ebyawandiikibwa bya Bayibuli, obubaka obw'okwewonga, okusaba okuyita mu bigambo bya Bayibuli, ebirowoozo ku kusaba, awamu n'ebirowoozo ku nnyimba. Tubaweerera amagezi nti mweyambise endagiriro eza buli lunaku olwo nno buli eyetabamu asobole okubeerako ne ky'agoberera mu kiseera eky'okusaba.

Amakanisa okwetoola ensi yonna gajja kwegattira wamu mu kusabira ensonga eya buli lunaku. Zeegatteko mu kusaba okuyita mu Byawandiikibwa n'ebiweerebbwaayo okusabira, wabula temukitwaala nti mulina okuyita mu lukalala lwonna olw'ebirowoozo ku kusaba. Muyinza okwagala okwegabanyaamu mu bubondo obutonotono awamu n'okuganya buli kabondo okubeerako n'eby'okusabira.

Twagasseeko n'ekiwandiiko ekiyitibwa Eby'okusabira Mu Kkanisa Yonna (World Church Prayer Requests). Kikulu nnyo okusabira awamu ku lw'amaka ag'ekkanisa yaffe mu nsi yonna, wabula musobola okwagala okwongeramu obudde nga musabira ebyetaago by'omu

kitundu kasita akabondo kammwe kabeeramu abagenyi okuva mu kitundu. Musabire engeri gye musobola okwanirizaamu abagenyi awamu n'okubaleetera okuwulira nga bali kitundu ku kabondo.

Ebirowoozo Ku Budde Bw'okusaba

Mufube okulaba nga ekiseera ky'okusaba kyangu olw'okusobozesa akabondo okuteeka essira ku kusabira ddala. Obudde bwa buli kusaba bujja kusinziira, wabula endagiriro eno wammanga nkulu:

- **Okwaniriza n'okwanjula:** Eddakiika 2 – 5
- **Eky'okuyiga (mu ndagiriro ey'okusaba kw'olunaku):** Eddakiika 5
- **Okusaba okuyita mu Byawandiikibwa (mu ndagiriro ey'okusaba kw'olunaku**): Eddakiika 10 – 15.
- **Musabire ensonga eziri mu "Ebirowoozo Ebirala ku Kusaba" (mu ndagiriro ey'okusaba kw'olunaku**): Eddakiika 20 – 30.
- **Okwanukula mu nnyimba n'okutendereza**: Eddakiika 5 – 10.

Okusabira Abalala

Buli mukkiriza akubirizibwa okubeerako abantu bataano ku musanvu (5 – 7) Katonda baamuwadde mu bulamu bwe okubasabiranga obutayosa. Bano mwemuli ab'eŋŋaanda, ab'emikwano, bakozi bannaffe, baliraanwa, oba abalala bonna betumanyi. Mukubirizibwa okusaba Omwoyo Omutukuvu okubaluŋŋamya mu kulondawo amannya awamu n'okutuuka ku bantu bano okuyita mu nnaku ekkumi. Muyinza okwagala okubakolera obwapa (cards) oba obupapula okusobola okuwandiikibwa amannya agajja okusabirwanga.

Obuweereza Bwa Ssabbiiti Mu Kiseera eky'Ennaku Ekkumi

Mubeereko n'awokuteeka essira mu kusaba awamu n'okugabana obujulirwa obw'essaala ezaanukulibbwa mu buweereza bw'ekkanisa ku nnaku za Ssabbiiti zombi. Mubeere batetenkanya – waliwo engeri nnyingi ez'okugabanira awamu mu kkanisa ku ebyo ebigenda mu maaso buli lunaku mu nsisinkano ez'okusaba.

Okujaguza Kwa Ssabbiiti Esembayo

Ssabbiiti esembayo esaana okutegekebwa nga kiseera kya kujaguza okw'amaanyi olw'ebyo byonna Katonda by'akoze okuyita mu nnaku ekkumi. Ka wabeerewo obudde obumala nga bwa kuwaayo bujulirwa olw'essaala eziddiddwaamu, okuyigiriza kwa Bayibuli/okubuulira ku kusaba, wamu n'okuyimba. Abakuŋŋaanye bonna ka bakulemberweemu mu kusaba, abatasobodde kukwenyigiramu buli lunaku nabo bafune omukisa ogw'okuwulira essanyu eriri mu kusabira awamu n'abalala. Tubasab mutunule ku ndagiriro y'ebirowoozo bya Ssabbiiti ey'Okujaguza.

Obujulirwa

Tubasa mugabanire wamu naffe ku ngeri Katonda gy'akozeemu okuyita mu Nnaku Ekkumi ez'Okusaba! Emboozi zammwe zijja kuzzaamu abantu bangi amaanyi. Obujulirwa busobola okusindikibwa ku mutimbagano nga oyita ku www.tendaysofprayer.org.

Ennyingo z'Okusaba okw'Awamu

Mukkaanyize Wamu

Omuntu bw'awaayo ensonga ey'okusabira mu maaso ga Katonda, beera mukakafu nti waliwo abalala abasabira ensonga y'emu era mukkaanyize wamu – kino ky'amaanyi nnyo! Tokirowooza nti olw'okubanga waliwo asabidde ensonga eyo, mpaawo mulala yetaaga kugisabira. "Nate mbagamba nti Oba bannammwe babiri bwe beetabang ku nsi buli kigambo kyonna kye balisaba, kiribakolerwa Kitange ali mu ggulu" (Matayo 18:19). Nga kizzaamu nnyo amaanyi okubeera nga tusitulibwa mu kusaba!

Okukaayanira Ebisuubizo Bya Katonda

Mukubirize akabondo okukaayanira ebisuubizo bya Katonda nga kasaba. Kyangu nnyo essira okuliteeka ku bizibu byaffe, wabula bwe tukaayanira ebisuubizo bya Katonda, okukkiriza kwaffe kweyongera awamu n'okwejjukanya nti mpaawo kirema Mukama. Ebisuubizo bituyamba okuggya amaaso gaffe ku bunafu n'obuzibu ebitulimu ne tugazza ku Yesu. Wakati mu bunafu bwonna n'olutalo, Bayibuli etuwadde ebisuubizo eby'okukaayanira. Abantu ka bakubirizibwe okunoonya ebisuubizo ebisingawo awamu n'okubiwandiika basobole okubikaayanira gye bujja.

Okusiiba

Kubiriza bonna abanaabegattako mu Nnaku Ekkumi ez'Okusaba okubeerako n'engeri ey'okusiiba, nga okusiiba okulaba TV, ennyimba ezitali za Katonda, firimu/obuzannyo, omutimbagano, ebiwoomerera, oba emmere ey'ekika kyonna enzibu okukubibwa ssebusa. Obudde obwo obufissibbwa bweyambisibwe mu kusaba n'okuyiga Bayibuliokusaba Katonda okukuyamba awamu n'ekkuŋŋaaniro okubeera muli bajjuvu mu Kristo. Bwe tulya mu ngeri ennyangu, tuganya ebirowoozo byaffe okwanguyirwa mu kwaniriza eddoboozi erya Mwoyo Omutukuvu.

Omwoyo Omutukuvu

Mukakase nti musaba Omwoyo Omutukuvu okubalaga eby'okusabira mu bulamu bw'omuntu oba embeera ey'obwebange. Bayibuli etuyigiriza nti tetumanyi kya kusabira era nti Omwoyo Omutukuvu y'ayimirirawo ku lwaffe.

"Tetulina kukoma ku kusabira mu linnya lya Kristo, wabula n'olw'okuluŋŋamizibwa okwa Mwoyo Omutukuvu. Kino ky'ekinnyonyola okutegeezebwa kw'ebigambo bino nti Omwoyo 'yennyini atuwolereza n'okusinda okutayogerekeka' (Abaluumi 8:26). Okusaba okw'engeri nga eyo Katonda asanyukira okukwanukula. Bwe tunyiikirira okusaba n'obwesimbu mu linnya lya Kristo, omwo mwennyini mwemuli obweyamo bwa Katonda obw'okwanukula

essaala zaffe ‘okusingira ddala byonna bye tusaba oba bye tulowooza’ (Abaefeeso 3:20).” (*Christ’s Object Lessons,* p. 147, n’okukkaatirizibwa).

Okuwandiika kw’Essaala

Okukola kino mu biseera eby’Ennaku Ekkumi ez’Okusaba kisobola okuyamba abakkiriza okwongera okunnyikira mu miramwa gy’okusaba, okukola okwewaayo okunyweevu eri Katonda, n’okusiima emikisa Gye. Okuwandiika essaala zaffe n’okukuuma bwiino w’okwanukula kwa Katonda y’emu ku nkola ezizzaamu amaanyi.

Bwe mubeera mwagadde, musobola okutegekawo obudde mu kiseera ky’okusaba ng’abantu babweyambisa mu kuwandiika okwanukula kwabwe eri Katonda mu kyaama. Oba, wasobola okubeerawo obuwandiike obw’akabondo nga bwa ssaala n’okwanukula – mu katabo, ku lupapula olunene, oba ku mutimbagano. Kinyuma nnyo era kizimba okukkiriza bwe tubeera n’enkola ey’okutunula emabega ne tulaba butya Katonda bw’ayanukudde essaala zaffe!

Okusinza

Mukubirize era muteekeewo endowooza ey’okusinza. Tuli mu maaso g’ennyumba ya nnamulondo ya Kabaka w’obwengula. Tetulina kulagajjalira mu kiseera kino eky’okusaba nga tweyisa nga bwe tusanze. Wabula kino tekitegeeza kufukamira olutatadde. Oyagala abantu okuwulira obulungi okumala essaawa nnamba, n’olw’ekyo bakubirize okufukamira oba okutuula oba okuyimirira nga Katonda bw’aluŋŋamizza era nga bwe bawulira bwe kisaanye.

Ennyiriri z’Essaala

Essaala zirina okubeera nga nnyimpi era nga zituukira ku nsonga. Kino kiwa n’abalala omwaganya ogw’okusaba. Mufube okulaba nga essaala zibeera za bigambo bitonotono. Buli muntu asobola okusaba emirundi egisoba mu gumu. Essaala ennyimpi zinyumisa nnyo ekiseera eky’okusaba era ne zireetera Omwoyo Omutukuvu okuyamba akabondo ku ngeri ey’okusabamu. Temulina kutandika na kufundikira ssaala nnyimpi n’ebigambo nti, “Ai Katonda” oba “Amiina.” Wabula erina kusigala nga mboozi egenda mu maaso ne Katonda.

Akasiriikiriro

Nga omukulembeze, tewefuga budde bwa kusaba bwonna. Ensonga enkulu eri mu kusobozesa abalala okusaba. Ebiseera by’akasiriikiriro bisanyusa nnyo, kubanga biwa Katonda omwagaanya okwogera mu mitima gyaffe. Mukkirize Omwoyo Omutukuvu okukola n’okuwa buli omu obudde bw’okusaba.

Okuyimba

Ennyimba ez’omuddiriŋŋanwa mu kabondo nga ziyimbibwa wakati mu kusaba, zoongera ku bunyunyuntuvu bw’ensisinkano y’okusaba. Ebirowoozo ku nnyimba biweereddwa wansi wa buli ndagiriro ey’olunaku. Temukitwaala nti ennyimba zonna muteekeddwa okuziyimba – bino

bikoma ku kubeera birowoozo. Okuyimba era kukola bulungi mu kuva mu ssaawa ey'okusaba okudda mu ndala.

Okuleeta Eby'okusabirako

Tosaba bantu bali mu kabondo kuleeta nsonga ez'okusabirako, wabula kubiriza abantu okusabira ensonga zaabwe awamu n'okuzzaamu abalala amaanyi okukkiriziganya n'okusabira ensonga ezo. Ensonga eri emabega wa kino, bwe budde! Bwe musalawo okuleeta eby'okusabirako, kibeera kijja kutwaala obudde bwammwe buwanvu obw'okusaba. Setaani yewuunya nnyo nga tumalira ebiseera byaffe mu kwogera ku bizibu, mu kifo eky'okubisabira. Abali mu kabondo bajja kutandiikiriza ensonga y'okubudaabuda n'okuwa eddagala ku buzibu. Amaanyi gava wa Katonda! Gye tukoma okusoma, n'amaanyi Ge gye gajja okukoma okutuweebwa.

Ebiseera Byo Ebya Buli Lunaku

Kino kikulu nnyo! Buli mukulembeze asaanye aweeyo obudde buli lunaku ng'ali ku bigere bya Yesu, ng'ayogera naye awamu n'okusoma Ekigambo Kye. Buli lw'onoteeka okumanya Katonda mu kifo ekisooka mu bulamu bwo, kijja kuggulirawo embeera ennungigy'oli. "Amaanyi agaanyenya ensi mu Kudda Obuggya Okw'amaanyi gaava mu kifo eky'ekyaama eky'okusaba. Eyo mu bukkakamu obutukuvu abaweereza ba Mukama gye baateeka ebigere byabwe ku lwazi olw'ebisuubizo Byo" (The Great Controversy, pg. 210). Omukulembeze kasita asaba, Katonda akola ku mitima gy'abantu.

Ekiro eky'Okusaba

Mulowooze ku ky'okubeera n'ekiro ekiramba eky'obuweereza obw'okusaba nga ekitundu ku Ennaku Ekkumi ez'Okusaba. Eky'okulabirako, musobola okutandika essaawa 12 ez'akawungeezi (6:00 PM) era nemukomekkereza ku ssaawa 12 ez'enkya (6:00 AM). Mweronderewo enteekateeka esingako obulungi eri ekibiina kyammwe.

Lwaki Kisaana Okubeera n'Ekiro eky'Okusaba?

Mpaawo kintu kyonna "kitukuvu" mu kusigala nga mutunula awamu n'okusaba okuyita mu kiro kyonna. Wabula, ekiro ky'ekiyinza okubeera ekirungi ng'abantu tebalina bibamalawo oba nga tebali mu kupakuka. Tukkiriza nti ekigendererwa kyammwe tekirina kubeera mu kusigala nga mutunula okuyita mu kiro kyonna wabula okuwaayo okusaba nga bwe kyetaagisa awamu n'okutuusa nga musabidde buli kimu kye muwulira nga Katonda ayagala mukisabire.

Tubaweerera amagezi okubeera n'abantu abawerako nga bakulemberamu ensonga y'okusaba okuyita mu kiro. Mukakase nti mulinamu okuwummulamu. Omukulembeze yenna asaanye okumanya lwe kisaana okuwummulamu n'okudda ku kitundu ekirala eky'okusaba. Musobola n'okugattamu okusoma Ebyawandiikibwa mu kiseera kyammwe eky'okusaba. Muyinza okwagala okukola byonna ebiteesebbwaako or ebimu ku byo okusinziira ku ekyo ekisinga obulungi eri ekibiina kyammwe. Muli ba ddembe okukyuusa mu nteekateeka.

Enkola y'Ekiro eky'Okusaba Esoboka

Mutandike n'ekitundu eky'okutendereza. Mutendereze Katonda nga muyita mu kusaba awamu ne mu nnyimba.

Muweeyo ekiseera nga kya kwenenya, okusobola okulaba nga tewali kintu kyonna kiremesa Katonda okukuwulira. Ka wabeerewo obudde obw'okwatula mu okw'ekyaama n'okufunayo obudde obw'okwatula okw'awamu. Abantu ka bakubirizibwe okwatula ebibi eby'ekyaama mu ngeri ya kyaama, n'okwatula mu lujjudde ebibi ebyo byokka eby'olwaatu. Mu Danyeri 9-19 tusoma ku Danyeri eyasabira awamu n'okwatula ebibi by'abantu ba Katonda mu lujjudde.

Okusabira ebyetaago by'abantu abeetaba mu nsisinkano ey'okusaba. Abantu bangi bali mu kulumwa, oba mu bwetaavu bw'okusaba, oba nga bamanyiiyo omuntu eyetaaga ennyo okusabirwa. Mwekulungulule, muteekewo entebe wakati, era muyite omuntu yenna eyetaaga okusaba okw'enjawulo bajje omu ku omu era bagabane n'abantu bye betaaga okubasabirako. Omuntu oyo yetoloolwe era wabeewo abantu babiri oba basatu basabire obwetaavu bwe bwennyini n'okukaayanira ebisuubizo bya Katonda.

Ekibiina kigabanyizibweemu emirundi ebiri. Abakyala babeereko n'ekisenge mwe basabira (nga bakulemberwaamu omukyala) n'abasajja babeere mu kisenge ekirala (nga

bakulemberwaamu omwami). Ebyetaago by'abantu bingi ebitasobola era ebitalina kugabanibwa na bantu bonna. Ekibanguyira kwe kugabana n'oyo bwe bafaananya ekikula.

Nga mukomyeewo okwegattira awamu, **musabire ebyetaago by'ekitundu ekkanisa yammwe mw'eri.** Bakira mufuneeyo obudde ku **lw'ensonga z'ekkanisa mu nsi yonna**. (olukalala weeruli mu nteekateeka y'Ennaku Ekkumi ez'Okusaba). Tekirina kuwulikika ng'abali mu kupapa okuyita mu lsukalala lwonna. Musobola okwagala okugabanya ekibiina mu bubondo obutono era buli kabeereko kye kasabira ku lukalala luno.

Musabire olukalala lw'abantu bataano okutuuka ku musanvu b'obadde osabira mu nnaku ekkumi.

Londayo ebigambo mu Bayibulu era osabire mu byo.

Obudde bw'okusaba mubufundikire n'ekitundu eky'okutendereza n'okwebaza.

Okusomooza Okw'obuweereza mu Ennaku Ekkumi ez'Okusaba

Yesu takoma ku kutuyita kusaba wabula n'okuweereza eri ebyetaago by'omwoyo n'omubiri eby'abo abatwetoolodde. "kubanga nnalina enjala ne mumpa ekyokulya: nnalina ennyonta ne munnywesa: nnali mugenyi ne munsuza; nnali bwereere ne munnyambaza: nnali mulwadde ne munnyambuza: nnali :mu nvuba, ne mujja mundaba" (Matayo 25:35, 36).

Mu kitabo kya *Ministry of Healing* tusoma nti, "Tulina okutambulira mu bulamu obw'amabala abiri – obulamu obw'okulowooza n'okuteeka mu nkola, obw'okusaba okw'akasirise n'obw'okunyiikirira okukola" (p. 512). Tufunye okwagala kungi okuva eri Omulokozi waffe, era tulina omukisa ogw'okukugabanako ne mikwano gyaffe, baliraanwa, awamu ne betutamanyi abali mu bwetaavu.

Ggwe n'ekkanisa yammwe musaanye okusaba Katonda abalage engeri gye musobola okuweerezaamu abalala oluvannyuma lw'Ennaku Ekkumi ez'Okusaba. Nga muteekateeka emirimu egy'obuweereza, mwewale okusiikiriza okusaba kwammwe olw'okwefunyirira mu bye mukola. "Okukola ku lw'abalala kulina kukulemberwa na kusaba okw'ekyaama; kubanga kyetaagisa amagezi mangi okutegeera engeri ey'okulokolmu emyoyo. Nga tewannaba kubeerawo mpuliziganya n'abantu, walina kusookawo nsisinkano ne Kristo. Funa enteekateeka ey'okuweereza eri abantu nga oli mu maaso ga nnamulondo y'eggulu ey'ekisa." (*Prayer*, p. 313).

Wano waliwo ezimu ku ngeri ez'okuyambamu abantu abalala. Mulondeko ezo ze mulaba nga zituukana n'ebyetaago by'ekitundu kyammwe, era muli ba ddembe okwongeramu ebirowoozo byammwe.

- Yita muliraanwa/mukozi munno mu kikujjuko.
- Mugabe emmere eri abatalina we basula.
- Gaba ebyambalo bye wandiyagadde bakugabire.
- Labirira omuntu akuze mu myaka. Mukyalirengako buli lunaku era omuyambeko mu mirimu gy'ewaka, okugula ebintu, okufumba, okufumba, oba mu nnimiro.
- Fumbayo ku mugaati era ogugabaneko ne muliraanwa.
- Yambako muliraanwa ku mirimu.
- Yambako mu kusigala n'omulwadde kisobozese abantu be okubeerako ne bye bakola.
- Wenyigire mu mirimu egiri ku muliraano.
- Weyanjule eri muliraanwa omuggya nga omutwalirayo ku ky'okulya. Muleetere okuwulira ng'ayanirizibbwa mu muliraano.
- Gula eby'okulya obitwale mu maka g'abawejjere.
- Gaba ggalubindi ezo enkadde.
- Weweeyo okubeerako ne b'oyigiriza Bayibuli.
- Kyalirako ku bantu abali mu bifo eby'obujjanjabi.
- Beerako n'omuyizi gw'owa ssente z'emmere.

- Kuŋŋaanya engoye z'abali mu bwetaavu. Osoola okutandikawo akaduuka k"engoye ku kkanisa nga ka kugabana n'abalala./
- Gaba ebyuuma byo bi kalimagezo byonna (laptop, n'eby'amasannyalaze byoona)
- Gaba emmotoka yo enkadde.
- Mutegekeeyo omwoleso gw'eby'obulamu.
- Weerezaayo akabaluwa eri omusibe.
- Mutegekeeyo ennaku z'eby'enjiri.
- Kubira baliraanwa obabuuzeeko nga bwebali.
- Gabira omuntu ekitabo ky'olowooza nti ajja kukyagala.
- Funayo empapula za GLOW (osobola okuzisanga wano: http://www.glowonline.org/).
- Beerako ne gw'okubiriza okukkiriza Yesu.
- Muteeketeeke okuyigiriza abantu okufumba.
- Muteekeewo enkola ey'okugaba ebitabo ebirimu emiramwa emitukuvu egya Bayibuli..
- Twaala emmere eri omuntu afiiriddwa omwagalwa we.
- Beerako ne gw'okyalira mu ddwaliro omuzzeemu amaanyi awamu n'okubeerako engeri gy'omuyambamu.
- Somerayo nnamukadde ku bubaka.
- Kyaalako ewakuumirwa abaana era oyambeko ku baliddukanya.
- Mutandikeewo ekibiina ky'okutunga olw'okukola engoye ez'okugaba.
- Somera waggulu Bayibuli eri omuntu atawulira era atalaba.
- Tegekayo ekiro ky'abavubuka mu maka go.
- Beerako obuyambi bw'owa mu kifo ky'abatyoboleddwa.
- Mutwaleeko abaana b'ekkanisa yammwe mu kifo ky'abakadde. Mubawe enteekateeka ey'okutambulirako.
- Mutegeke awamu n'okuteekawo ebbinu eri abaana abaliko obulemu wamu n'abantu baabwe.
- Mufuneeyo olunaku olw'okuyonja ekitundu.
- Mutandikeewo ekibiina eky'eby'obulamu obulungi mu kkanisa yammwe.
- Beerako omuntu gw'osaba okulaba naye ka DVD akaliko obubaka obw'omwoyo. Nga muli mu kukalaba, saba Omwoyo Omutukuvu ayogere n'omutima gw'omugenyi wo.
- Muyiiyeeyo eky'okukola kyonna.
- Mweyongere okweyambisa omukutu guno wammanga olw'okufuna ebirowoozo ebisingawo ku kubuulira - www.revivalandreformation.org/resources/witnessing.

Ebisuubizo Bya Bayibuli eby'Okukaayanirwa mu Kusaba

Ebisuubizo by'Omwoyo Omutukuvu

❖ "Musabe Mukama enkuba mu biro ebya ddumbi, Mukama akola ebimyansa; naye alibawa empa ndaggirize, buli muntu omuddo mu ttale." Zekkaliya 10:1.

❖ "Kale oba nga mmwe ababi mumanyi okuwa abaana bammwe ebirabo ebirungi, talisinga nnyo Kitammwe ali mu ggulu okuwa Omwoyo Omutukuvu abamusaba." Lukka 11:13.

❖ "Naye Omubeezi, Omwoyo Omutukuvu, Kitange gw'alituma mu linnya lyange, oyo alibayigiriza byonna, alibajjukiza byonna bye nnabagamba…. Ye bw'alijja, alirumiriza ensi olw'ekibi, n'olw'obutuukirivu, n'olw'omusango." Yokaana 14:26; 16:8.

❖ "Ddala ddala mbagamba nti Akkiriza nze emirimu gye nkola nze, naye aligikola; era alikola egisinga egyo obunene; kubanga nze ŋŋeenda eri Kitange. Na buli kye munaasabanga mu linnya lyange, ekyo nnaakikolanga, Kitange agulumirizibwenga mu Mwana. Bwe munansabanga ekigambo mu linnya lyange, ekyo nnaakikolanga." Yokaana 14:12-14.

❖ "N'addamu n'agnamba nti Kino kye kigambo kya Mukama eri Zerubbaberi nga kyogera nti Si lwa maanyi so si lwa buyinza naye lwa mwoyo gwange, bw'ayogera Mukama w'eggye." Zekkaliya 4:26.

Ebisuubizo nti Katonda Ayanukula Essaala

❖ "Bwe mubeera mu nze, n'ebigambo byange bwe bibeera mu mmwe, musabenga kye mwagala kyonna, munaakikolerwanga." Yokaana 15:7.

❖ "Kale tusemberenga n'obuvumu eri entebe ey'ekisa, tulyoke tuweebwe okusaasirwa, era tufune ekisa olw'okubeerwa bwe tukwetaaga." Abaebbulaniya 4:16.

❖ "Kyenva mbagamba nti Ebigambo byonna byonna bye musaba n'okwegayirira, mukkirize ga mubiweereddwa, era mulibifuna." Makko 11:24.

❖ "Era onkoowoolenga ku lunaku olw'okulaba ennaku; Ndikuwonya, naawe olingulumiza nze!" Zabbuli 50:15.

❖ "Nate mbagamba nti Oba bannammwe babiri bwe beetabang ku nsi buli kigambo kyonna kye balisaba, kiribakolerwa Kitange ali mu ggulu." Matayo 18:19.

❖ Ne byonna byonna bye munaayagalanga nga musaba, nga mukkirizza, munaabiweebwanga." Matayo 21:22.

❖ "Na buli kye munaasabanga mu linnya lyange, ekyo nnaakikolanga, Kitange agulumirizibwenga mu Mwana. Bwe munansabanga ekigambo mu linnya lyange, ekyo nnaakikolanga." Yokaana 14:13, 14.

❖ "Ne ku lunaku luli temulibaako kye munsaba. Ddala ddala mbagamba nti Buli kye mulisaba Kitange, alikibawa mu linnya lyange. Okutuusa leero temusabanga kigambo mu linnya lyange: musabe, muliweebwa, essanyu lyammwe lituukirire." Yokaana 16:23, 24.

❖ Era buno bwe bugumu bwe tulina eri ye, nti bwe tusaba ekintu nga bw'ayagala, atuwulira: era bwe tumanya ng'atuwulira buli kye tusaba, tumanyi nga tulina ebyo bye tumusabye." 1 Yokaana 5:14, 15.

Ebisuubizo ku Maaanyi ga Katonda

- “Waliwo ekirema Mukama? Mubiro ebyateekebwawo ndikomawo w'oli, ekiseera bwe kiridda, ne Saala alizaala omwana ow'obulenzi.” Olubereberye 18:14.
- “Mukama anaabalwanirira, nammwe munaasirika.” Okuva 14:14.
- “Awo Yesu n'abatunuulira n'agamba nti Mu bantu tekiyinzika, naye si bwe kityo eri Katonda; kubanga byonna biyinzika eri Katonda.” Makko 10:27.
- “Abayita mwesigwa, n'okukola ye alikola.” 1 Abasessalonika 5:24.
- “Mmanyi nga ggwe oyinza byo Era nga tewali kigambo kye wateesa ekiziyizika.” Yobu 42:2.
- “Kale tunaayogera tutya ku ebyo? Katonda bw'abeera ku lwaffe, omulabe waffe ani? Ataagaana Mwana we ye, naye n'amuwaayo ku lwaffe fenna, era talitugabira bintu byonna wamu naye?” Abaluumi 8:31, 32.
- “Katonda si muntu, okulimba; So si mwana wa muntu, okwejjusa: Ayogedde, n'okukola talikikola? Oba agambye, n'okutuusa talikituusa?” Okubala 23:19.
- “Tonnamanya? tonnawulira? Katonda ataliggwaawo, Mukama, Omutonzi w'enkomerero z'ensi, tazirika so takoowa; amagezi ge teganoonyezeka. Awa amaanyi abazirika; n'oyo atalina buyinza amwongerako amaanyi. Abavubuka nabo balizirika balikoowa, n'abalenzi baligwira ddala: naye abo abalindirira Mukama baliddamu obuggya amaanyi gaabwe; balitumbiira n'ebiwaawaatiro ng'empungu; balidduka mbiro ne batakoowa; balitambula ne batazirika.” Isaaya 40:28-31.

Ebisuubizo by’Okuluŋŋamya kwa Katonda

- “Si nze nkulagidde? Ddamu amaanyi, guma omwoyo; totyanga, so teweekanganga kubanga Mukama Katonda wo ali naawe buli gy'onoogendanga yonna.” Yoswa 1:9.
- “Era, laba, nze ndi wamu naawe, era naakukuumanga gy'onoogendanga yonna, era ndikukomyawo mu nsi eno; kubanga sirikuleka okutuusa lwe ndimala okukola bye nkugambyeko.” Olubereberye 28:15.
- “Laba, ntuma malayika mu maaso go, akukuume mu kkubo, akuleete mu kifo kye nnateekateeka.” Okuva 23:20.
- “Naye nga muyima eyo bwe munaanoonyanga Mukama Katonda wo, onoomulabanga bw'onoomunoonyanga n'omutima gwo gwonna n'obulamu bwo bwonna.” Ekyamateeka 4:29.
- “Buli kiwonvu kirigulumizibwa, na buli lusozi n'akasozi zirikkakkanyizibwa: n'obukyamu buligololwa, n'ebifo ebitali bisende biritereezebwa n'ekitiibwa kya Mukama kiri bikkulibwa, ne bonna abalina omubiri balikirabira wamu: kubanga akamwa ka Mukama ke kakyogedde.” Isaaya 40:4, 5.
- “Naakuyigirizanga naakulanganga mu kkubo ly'onooyitangamu: Naakuteesezanga ebigambo eriiso lyange nga liri ku ggwe.” Zabbuli 32:8.

❖ “Mukama ye wuuyo abakulembera; anaabeeranga naawe, taakulekenga so taakwabulirenga: totya so totekemuka.” Ekyamateeka 31:8.

❖ “Omuntu atya Mukama aluwa? Oyo gw'anaayigirizanga mu kkubo ly'anaasiimanga.” Zabbuli 25:12.

❖ “Weesigenga Mukama n'omutima gwo gwonna. So teweesigamanga ku kutegeera kwo ggwe: Mwatulenga mu makubo go gonna, Kale anaaluŋŋamyanga olugendo lwo.” Engero 3:5, 6.

❖ “N'omuggirawo omuyala obulamu bwo, n'okkusa obulamu obubonyaabonyezebwa; kale omusana gwo ne gulyoka guviirayo mu kizikiza, n'ekifu kyo kiriba ng'ettuntu: era Mukama anaakuluŋŋamyanga ennaku zonna, n'akkusa obulamu bwo mu bifo ebikalu n'anyweza amagumba go; naawe onoobanga ng'olusuku olufukirirwa amazzi era ng'oluzzi lw'amazzi olutaggwaamu mazzi.” Isaaya 58:10, 11.

❖ Awo olulituuka nga tebannaba kuyita ndiyitaba; era nga bakyayogera ndiwulira.” Isaaya 65:24.

Ebisuubizo eby’Omutima Oguzziddwa Obuggya

❖ “Era ndibawa omutima okummanya nga ndi Mukama: era banaabanga bantu bange, nange naabanga Katonda waabwe: kubanga balikomawo gye ndi n'omutima gwabwe gwonna.” Yeremiya 24:7.

❖ “Omuntu yenna ku babo abaagobebwa bw'aba ng'ali mu nsonda z'eggulu, Mukama Katonda wo unaakuggyanga eyo okukuku**aanya, era anaakukimanga eyo.” Ekyamateeka 30:6.

❖ “Era ndibawa n'omutima omuggya, ne nteeka omwoyo omuggya munda mu mmwe: era ndiggya omutima ogw'ejjinja mu mubiri gwammwe ne mbawa omutima ogw'ennyama.” Ezekyeri 36:26.

❖ “Nga ntegeeredde ddala kino ng'oyo eyatandika omulimu omulungi mu mmwe aligutuukiriza okutuusa ku lunaku lwa Yesu Kristo.” Abafiripi 1:6.

❖ “Omuntu yenna bw'aba mu Kristo kyava abeera ekitonde ekiggya: eby'edda nga biweddewo; laba, nga bifuuse biggya.” 2 Abakkolinso 5:17.

❖ “Nnakomererwa wamu ne Kristo; naye ndi mulamu; si ku bwange nate, naye Kristo ye mulamu mu nze: era obulamu bwe nnina kaakano mu mubiri, mbulina lwa kukkiriza Omwana wa Katonda eyanjagala ne yeewaayo ku lwange.” Abaggalatiya 2:20.

❖ “Era Katonda ow'emirembe yennyini abatukulize ddala; era omwoyo gwammwe n'obulamu n'omubiri byonna awamu bikuumibwenga awatali kunenyezebwa mu kujja kwa Mukama waffe Yesu Kristo. Abayita mwesigwa, n'okukola ye alikola.” 1 Abasessalonika 5:23, 24.

Ebisuubizo eby’Okusonyiyibwa

- “Abantu bange abatuumiddwa erinnya lyange bwe baneetowazanga ne basaba ne banoonya amaaso gange ne bakyuka okuleka amakubo gaabwe amabi; kale naawuliranga nga nnyima mu ggulu ne nsonyiwa okwonoona kwabwe ne mponya ensi yaabwe.” 2 Ebyomumirembe 7:14.
- Kubanga ggwe, Mukama, oli mulungi, oyanguwa okusonyiwa, era ojjula ekisa eri abo bonna abakukoowoola.” Zabbuli 86:5.
- “Awo bwe munaayimiranga nga musaba, musonyiwenga, bwe mubanga n'ekigambo ku muntu; ne Kitammwe ali mu ggulu abasonyiwe ebyonoono byammwe.” Makko 11:25.
- “Era mubeerenga n'obulungi mwekka na mwekka, abakwatibwa ekisa, nga musonyiwagananga, era nga Katonda bwe yabasonyiwa mu Kristo.” Abaefeeso 4:32.
- “Bwe twatula ebibi byaffe, ye wa mazima era omutuukirivu okutusonyiwa ebibi byaffe, n'okutunaazaako byonna ebitali bya butuukirivu.” 1 Yokaana 1:9.
- “Mujje nno, tuteese bw'ayogera Mukama: ebibi byammwe ne bwe biba ng'olugoye olumyufu, binaaba byeru ng'omuzira; ne bwe bitwakaala ng'ebendera, binaaba ng'ebyoya by’endiga.” Isaaya 1:18.
- “Nze, nze mwene, nze nzuuyo sangula ebyonoono byo ku lwange nze; so sirijjukira bibi byo.” Isaaya 43:25.
- “Kubanga ndisonyiwa obutali butuukirivu bwabwe, n'ekibi kyabwe sirikijjukira nate.” Yeremiya 31:34.
- “Eyatuweesa akununulibwa kwaffe olw'omusaayi gwe, okusonyiyibwa ebyonoono byaffe, ng'obugagga obw'ekisa kye bwe buli.” Abaefeeso 1:7.

Ebisuubizo eby’Okuwangula Ekibi

- “Kubanga buli ekyazaalibwa Kstonda kiwangula ensi; era kuno kwe kuwangula okwawangula ensi, okukkiriza kwaffe.” 1 Yokaana 5:4.
- “Naye mu ebyo byonna tuwangudde n'okukirawo ku bw'oyo eyatwagala.” Abaluumi 8:37.
- “Naye Katonda yeebazibwe, atuwanguza ffe ku bwa Mukama waffe Yesu Kristo.” 1 Abakkolinso 15:57.
- “Totya, kubanga nze ndi wamu naawe; tokeŋŋentererwa, kubanga nze Katonda wo: naakuwanga amaanyi; weewaawo, naakuyambanga; weewaawo, naakuwaniriranga n'omukono ogwa ddyo ogw'obutuukirivu bwange.” Isaaya 41:10.
- “Era ku ebyo byonna nga mukwatiddeko engabo ey'okukkiriza, eneebayinzisanga okuzikiza obusaale bwonna obw'omuliro obw'omubi.” Abaefeeso 6:16.
- “Nnakomererwa wamu ne Kristo; naye ndi mulamu; si ku bwange nate, naye Kristo ye

mulamu mu nze: era obulamu bwe nnina kaakano mu mubiri, mbulina lwa kukkiriza Omwana wa Katonda eyanjagala ne yeewaayo ku lwange.” Abaggalatiya 2:20.

❖ “Kubanga Katonda yakoza mu mmwe okwagala n'okukola, olw'okusiima kwe okulungi.” Abafiripi 2:13.

❖ “Naye njogera nti Mutambulirenga mu Mwoyo, kale temuutuukirizenga kwegomba kwa mubiri.” Abaggalatiya 5:16.

❖ “Era Katonda ow'emirembe alibetenta Setaani wansi w'ebigere byammwe mangu. Ekisa kya Mukama waffe Yesu Kristo kibeerenga nammwe.” Abaluumi 16:20.

❖ “So temufaananyizibwanga ng'emirembe gino: naye mukyusibwe nga olw'okufuula amagezi gammwe amaggya, mulyoke mukemenga bwe biri Katonda by'ayagala, ebirungi ebisanyusa, ebituufu.” Abaluumi 12:2.

❖ “N'afuula emigwa olukoba, n'abagoba bonna mu yeekaalu, n'endiga n'ente; n'ayiwa effeeza ez'abawaanyisa effeeza, n'avuunika embaawo zaabwe.” Yokaana 2:15.

Ebisuubizo eby’Okuwonya

❖ “Oba nga oliwulira nnyo eddoboozi lya Mukama Katonda wo, n'okola obutuukirivu mu maaso ge, n'owulira amateeka ge, n'okwata by'alagira byonna, sirikuteekako ggwe endwadde zonna ze nnateeka ku Bamisiri: kubanga nze Mukama akuwonya.” Okuva 15:26.

❖ “Ebisiba byo binaabanga kyuma na lukomo; Era ng'ennaku zo, amaanyi go bwe,ganaabanga bwe gatyo.” Ekyamateeka 33:25.

❖ “Weebaze Mukama, ggwe emmeeme yange, So teweerabira birungi bye byonna: Asonyiwa ebikolwa byo byonna ebitali bya butuukirivu; Awonya endwadde zo zonna; Anunula obulamu bwo buleme okuzikirira; Akussaako engule ey'ekisa n'okusaasira okulungi: Akkusa akamwa ko ebirungi; Obuvubuka bwo ne budda obuggya ng'empungu.” Zabbuli 103:2-5.

❖ “Tobanga na magezi mu maaso go ggwe; Tyanga, Mukama ove mu bubi: Ekyo kye kinaabanga obulamu eri ekkundi lyo, N'obusomyo eri amagumba go.” Engero 3:7, 8.

❖ “Yanyoomebwa n'agaanibwa abantu; omuntu ow'ennaku era eyamanyiira obuyinike: era ng'omuntu abantu gwe bakweka amaaso gaabwe bwe yanyoomebwa bw'atyo, ne tutamuyitamu ka buntu. Mazima yeetikka obuyinike bwaffe n'asitula ennaku zaffe: naye twamulowooza nga yakubibwa yafumitibwa Katonda n'abonyaabo nyezebwa. Naye yafumitibwa olw'okusobya kwaffe, yabetentebwa olw'obutali butuukirivu bwaffe: okubonerezebwa okw'emirembe gyaffe kwali ku ye; era emiggo gye gye gituwonya.” Isaaya 53:3-5.

❖ “Mponya, ai Mukama, kale lwe nnaawona; ndokola, kale lwe nnaalokoka: kubanga ggwe oli ttendo lyange.” Yeremiya 17:14.

❖ “Kubanga ndikukomezaawo obulamu, era ndikuwonya ebiwundu byo, bw'ayogera Mukama; kubanga bakuyise eyagobebwa, nga boogera nti Ye Sayuuni omuntu yenna gw'atanoonya.” Yeremiya 30:17.

❖ “Laba, ndikireetera obulamu a'okuwoayezebwa, nange ndibawonya; era ndibabikkulira emirembe n'amazima bingi nnyo nnyini.” Yeremiya 33:6.

❖ “Naye mmwe abatya erinnya lyange njuba ey'obutuukirivu eribaviirayo ng'erina okuwonya mu biwaawaatiro byayo,kale mulifuluma ne muligita ng'ennyana ez'omu kisibo.” Malaki 4:2.

❖ “Waliwo mu mmwe omuntu alwadde? ayitenga abakadde b'ekkanisa; bamusabirenga, nga bamusiigako amafuta mu linnya lya Mukama waffe: n'okusaba kw'okukkiriza kulirokola omulwadde, ne Mukama waffe alimuyimusa: era oba nga yakola ebibi birimuggibwako.” Yakobo 5:14, 15.

Ebisuubizo by’Amaanyi Okukola Katonda by’Ayagala

❖ “Kyetuva tulema okuddirira; naye newakubadde omuntu waffe w'okungulu ng'aggwaawo, naye omuntu waffe ow'omunda afuuka muggya bulijjo bulijjo. Kubanga okubonaabona kwaffe okuazitowa, okw'ekiseera ekya kaakano, wongerayongera nnyo okutukolera kidibwa ekizitowa eky'emirembe n’emirembe; ffe nga tetutuauuira ebirabika, wabula ebitalabika: nbanga ebirabika bya kiseera; naye ebitalabika bya mirembe na mirembe.” 2 Abakkolinso 4:16-18.

❖ “Tuleme okuddiriranga mu kukola obulungi: kubanga ebiro bwe birituuka, tulikungula; nga tetuzirise.” Abaggalatiya 6:9.

❖ “Nnyinzizza byonna mu oyo ampa amaanyi.” Abafiripi 4:13.

❖ Kubanga Katonda yakoza mu mmwe okwagala n'okukola, olw'okusiima kwe okulungi.” Abafiripi 2:13.

❖ “N'aŋŋamba nti Ekisa kyange kikumala: kubanga amaanyi gange gatuukiririra mu bunafu. Kyennaavanga nneenyumiriza n'essanyu eringi olw'eby'obunafu bwange, amaanyi ga Kristo galyoke gasiisire ku nze.” 2 Abakkolinso 12:9.

Ebisuubizo Ebikwata ku Kubeera Abajulirwa ba Katonda

❖ “Temutya so temutekemuka: bw'edda saakubuulira ne nkiraga? nammwe muli bajulirwa bange. Waliwo Katonda wabula nze? weewaawo, tewali Lwazi; nze siriiko lwe nmanyi.” Isaaya 44:8.

❖ “Golokoka, yaka; kubanga omusana gwo gutuuse, n'ekiubwa kya Mukama kikuviiriddeyo.” Isaaya 60:1.

❖ “Naye byonna biva eri Katonda, eyatutabaganya naye yekka ku bwa Kristo, n'atuwa ffe okuweereza okw'okutabaganya.” 2 Abakkolinso 5:18.

❖ “Awo nze ne ndyoka njogera nti Woowe, Mukama Katonda! laba, siyinza kwogera: kubanga ndi mwana muto.” Yeremiya 1:7.

❖ “Naye muliweebwa amaanyi, Omwoyo Omutukuvu bw'alimala okujja ku mmwe, nammwe munaabanga bajulirwa bange mu Yerusaalemi ne mu Buyudaaya bwonna ne mu Samaliya, n'okutuusa ku nkomerero y'ensi.” Ebikolwa 1:8.

❖ “Naye mmwe muli ggwanga ddonde, bakabona ba kabaka, kika kitukuvu, bantu ba nvuma, mulyoke mubuulirenga ebirungi by'oyo eyabayita okuva mu kizikiza okuyingira mu kutangaala kwe okw'ekitalo.” 1 Peetero 2:9.

❖ “Naye mutukuzenga Kristo mu mitima gyammwe okubeera Mukama wammwe; nga mweteekateeka bulijjo okuddamu buli muntu ababuuzanga ensonga ey'okusuubira okuli mu mmwe, naye n'obuwombeefu n'okutya.” 1 Peetero 3:15.

Ssabbiiti ey'Okujaguza

Mutegeke Ssabbiiti esembayo mu Nnaku Ekkumi ez'Okusaba nga mujaguza olw'obulungi n'obuyinza bwa Katonda. Mugabane ku ngeri amaanyi ag'okusaba n'amawulire amalungi ag'enjiri ey'emirembe n'emirembe bwe bibakoze okuyita mu nnaku ekkumi eziyise. Mujaguze olw'ebyo Katonda by'akoze, by'akola, ne by'agenda okukola.
Ebyetaago bya buli kibiina bya njawulo, n'olw;ekyo mukwatagane n'abakulembeze bammwe okusobola okukolawo enteekateeka ennungi ku lw'ekkanisa yammwe.
Bino by'enimu ku bye muyinza okugatta mu nteekateeka y'obuweereza bwa Ssabbiiti esembayo.

Omulamwa:
Okukowoola kwa Bamalayika Abasatu okw'Okusaba

Olunyiriri olw'Omulamwa:
"Ne ndaba malayika omulala ng'abuuka mu bbanga ery'omu ggulu ng'alina enjiri ey'emirembe n'emirembe, okubuulira abatuula ku nsi na buli ggwanga n'ekika n'olulimi n'abantu" (Okubikkulirwa 14:6).

Ennyimba:
- Ky'ekiseera ky'Okusaba - #135
- Emikisa Emingi - #245
- Yesu Ayita n'Ekisa Ekingi - #103
- Aweebwe Ekitiibwa - #3
- Turn Your Eyes Upon Jesus (olw'enjawulo)

Ebirowoozo ku bubaka:
Mutegekeewo omusumba, omukadde, oba omukulembeze w'okusaba aweereze n'obubaka obumpi obukwaata ku bubaka bwa bamalayika abasatu nga batussisaako essira ku kusaba n'okudda obuggya mu nnaku ez'enkomerero.
Ekyawandiikibwa – Okubikkulirwa 14:6-12.

[OBA]
Mutegekeewo ababadde beenyigira mu Nnaku Ekkumi ez'Okusaba nga mu bufunze baweerereza mu mpalo, buli omu ng'akozesa eddakiika 1 – 2 okuggyayo ebyayigibwa buli lunaku.
Mugabane omutwe, olunyiriri olw'ekyokuyiga, n'ekirowoozo ekikulu. . (Mutegeke nga bukyali okusobola okulaba nga okufunzibwa kuggweera mu ddakiika 1- 2. Eri abantu abasinga, eddakiika emu ekozesebwa n'ebigambo 125 – 150.

[OBA]

Wategekebweeyo abavubuka basatu baweeyo obubaka bwa ddakiika ttaano ku ngeri obubaka bwa bamalayika abasatu bwe butukowoola okusaba n'okudda obuggya nga Yesu tannaba kukomawo. Abavubuka bayinza n'okuyamba mu nnyimba oba mu kuwaayo obujulirwa.

Ebirowoozo ku Nteekateeka Ebirala:

- Obujulirwa bw'abakkiriza obw'essaala ezaanukuddwa.
- Obudde bw'okusaba okw'obubondo.
- Ekirango eky'okusaba okuli mu maaso oba eby'okukola
- Olugero lw'abaana ku nsonga y'okusaba
- Ennyimba ez'enjawulo

Ensonga ez'Okusabira Awamu Mu Nsi Yonna

- Ai Mukama, tukusaba wabeerewo okudda obuggya okw'amaanyi okw'obutukuvu era ekkanisa Yo ekyuusibwe mu nnaku ezikomererayo. Ka tuyinze okuyimirirawo ku lw'amazima, ekijja kijje.
- Tusabira eddembe ly'eddiini n'ebbeetu ery'obwebange okwetoloola ensi yonna. Ai Mukama, tukusaba otuggulirewo enzigi ez'okubuulira Ekigambo Kyo.
- Ai Mukama, tusaba ekkanisa yo okwetoloola ensi okukkiriza okuyitibwa kuno okw'okutwaala obubaka bwa bamalayika abasatu eri buli ggwanga n'olulimi. Tulage engeri gye tusobola okusimbira okuyigiriza kuno kwonna ku kwagala n'obutuukirivu bwa Kristo.
- Ai Mukama, ka Abalindirizi (Adventists) mu nsi yonna balangirire nti, "Nja Kugenda" era bayanukulire omulanga nga bakuweereza awamu n'okutwaala amawulire ag'obulokozi.
- Tusabira amagezi ag'okunoonya, okutegeera, awamu n'okugoberera Bayibuli Entukuvu eya Katonda. Otuyigirize okwawula okutuufu mu bigambo eby'amazima awamu n'okubugabana n'abalala mu bwesigwa.
- Ai Mukama, tukusaba ozze buggya okusiima kwaffe eri obuyambi bw'eggulu obusangibwa mu biwandiiko bya Ellen White.
- Tusabira enkuba ey'oluvannyuma ey'Omwoyo Omutukuvu olw'okutusobozesa mu bujulirwa bwaffe awamu n'okutuyinzisa okumaliriza omulimu gwa Katonda gwe yatukwasa okukola nga okukomawo okw'omulundi ogw'okubiri tekunnabaawo.
- Ai Mukama, tusabira okuwonya Kwo n'okusaasira mu bifo ebisinze okukosebwa COVID-19.
- Tusabira abakugu mu by'obulamu, banna-sayansi, abakulembeze ba gavumenti, n'abakozi mu by'obulamu okusobola okubeera n'amagezi wakati mu kusalawo okungi kwe balina okukola.
- Tusabira Abalindirizi (Adventists) okwetoloola ensi okuwaayo obuyambi mu mpeke n'okuzzaamu amaanyi abo bonna abali mu kubonaabona. Tuwe obuvumu, obutetenkanya, n'omwoyo ogw'obuteerowozaako nga baliraanwa baffe batwetaaga ekyenkanidde awo.
- Tusabira abantu bonna abanyigirizibbwa mu by'enfuna olw'okufiirwa emirimu awamu n'emiggalo.
- Ai Mukama, tukusaba olage abakkiriza engeri gye basobola okuyamba abantu abatawaana n'obuzibu bw'obulwadde bw'emitwe oba okuboolebwa.
- Tusabira abasumba n'amakanisa okusobola okuzuula engeri ey'okukuuma abakkiriza nga bali wamu okuyita mu miggalo. Ai Mukama, tukwegayirira osembeze ekkanisa yo okusinziza n'okuweerereza awamu.
- Tusabira okudda obuggya okw'eby'omwoyo mu bavubuka aba S.D.Aabali mu zi ssettendekero okwetoloola ensi. Ka balafuubane okubeera abakiise ba Kristo ab'amaanyi.
- Tusabira ebitundu 69 eby'abantu abali ku nsi nga tebannaba kwetwalira Yesu.

- Tusabira obukadde bw'abantu 62 mu bibuga 28 ebitettanirwa mu by'enjiri ebiri mu Soviet Union ey'edda (Euro-Asia Division).
- Tusaba Katonda ayimuse abaminsane abavumu abaagala okukolera mu bibinja by'abantu 746 mu mawanga 20 agali mu Masekkati g'ebuva-njuba (Middle East).
- Tusabira okuyingiwala kw'Abadiventi abajja okuweereza Katonda nga bayita mu kwagala abalala wamu n'okugabana n'abantu abava mu buwangwa obulala n'amadiini.
- Ai Mukama, tukusaba oyimuse nate aba abayizi aba Waludensiya eb'ebiseera bino (modern day Waldensia) abeetegese okukuweereza wakati mu bifo ebizibu.
- Tusabira Abadiventi abatulugunyizibwa oba okusabibwa olw'ebyo bye bakkiriza.
- Tusabira abantu abawerera ddala obukadde 202 mu bibuga 41 ebisingira ddala obutakolebwaamu mulimu, nga biri mu Southern Asia-Pacific Division.
- Tusabira Ekitongole eky'Essomero lya Ssabbiiti/eby'Enjiri mu buli ssinzizo nga kinoonya enteekateeka ya Katonda n'okufuluma mu bitundu gyeziri, mu buweereza obw'okwagala, okuyiga Bayibuli, n'okubuulira okwa ssekinoomu.
- Tusabira Adventist Development and Relief Agency (ADRA) nga bakola ku byetaago by'abantu okwetoloola ensi yonna.
- Tusabira abantu abawerera ddala obukadde 16 abali mu bibuga 6 ebitannakolebwaamu nnyo mulimu mu South Pacific Division.
- Tusaba Omwoyo Omutukuvu okutuyamba okumanya engeri ey'okutuukirira abantu abawerera ddala obukadde 406 abali mu bibuga 105 ebitannaba kukolebwamu nnyo mulimu mu Northern Asia-Pacific Division.
- Ai Mukama, tukusaba ow'Ekitongole kya Adventuist Chaplaincy Ministries nga kikubiriza abaweereza n'abakkiriza okukola omulimu gw'amakomera.
- Ai Mukama, tusabira abasomesa baffe ab'Essomero lya Ssabbiiti. Bambi tubasabira okumanya omulimu gwabwe nga bweguli omukulu ennyo naddala eri abaana baffe.
- Ai Mukama, tusaba amagezi agava gy'oli mu bifo eby'enkizo, mu nteekateeka ez'eby'obulamu n'amaka, wamu ne mu Patfinder Clubs okwetoloola ensi yonna.
- Tukusaba otuyambe okukwagala, okulera, n'abakkiriza abapya n'abagenyi okubafuula abayigirizwa.
- Ai Mukama, tukusaba otulage engeri gye tusobola okuweerezaamu ebiwandiiko ebijjudde amazima (mu byapa ne ku mutimbagano) eri abantu ab'omu bitundu byaffe. Tusabira abantu okubisoma beppo n'Omwoyo Omutukuvu okubalumiriza ku lw'amazima ga Bayibuli.
- Ai Mukama, tusabira obukuumi Bwo eri abaminsane abakolera mu bifo ebizibu.
- Tukwegayirira okuyimusa ababuulizi b'enjiri ey'ebitabo, abayizi bannakyewa, abawandiisi, abakugu mu by'empuliziganya, n'abayambi mu by'ensimbi okusobola okusaasaanya ebigambo eby'essuubi n'obulamu.
- Tusabira amasomero ag'Abadiventi, abayizi, n'abasomesa okwetoloola ensi yonna. Tusabira amasomero gano kuyigiriza amazima ga Bayibuli n'obwesigwa, wamu

n’okukulemberamu abavubuka mu kukola omulimu, obuweereza, ne mu nkolagana erokola wamu ne Kristo.

- Ai Mukama, tukusaba okutuwa amagezi okusobola okutuuka mu buwangwa obutakumanyi era obutanyumirwa bya ddiini. Ka Omwoyo Wo Omutukuvu amenye ebisenge byonna ebyetolodde emitima gy’abantu abatakutya.
- Tukusaba otuwe omukisa nga tukola omulimu mu bantu abasinza emizimu, ebifaananyi, n’enzikiriza ez’olusolo. Tuyambe okusobola okutegeera endowooza zaabwe awamu n’okubaanjulira Omulokozi ow’obwebange.
- Ai Mukama, luŋŋamya Abadiventi mu nsi yonna okusaba nga bwe kitakolebwangako. Tuyigirize okukaayanira ebisuubizo Byo wamu n’okukusuubira okuggyawo ensozi lwe tunaasaba.
- Tusabira abibinja by’abantu 541 ebiri mu nsi za Southern Africa-Indian Ocean Division. Bambi tubasabira okulaba amazima ga Bayibuli.
- Tukusaba otulage engeri ey’okukola ku bwetaavu bw’eby’omwoyo mu banoonya obubudamu. Tusaba ekkanisa yaffe okumanyibwa mu kwagala kwaffe eri abantu bonna, ssi nsonga ba kikula ki oba wa gyebava.
- Tukusaba okuyimusa abaminsane ab’ebibuga okuteekawo amakanisa eri ebibinja by’abantu ebiwerera ddala 806 mu nsi 20 aga Inter-European Division.
- Tukwegayirira okuyimusa eggye ly’abakozi bateekewo amakanisa eri ebibinja by’abantu ebiwerera ddala 948 mu mawanga 38 aga Inter-American Division.
- Tukusaba okutuyigiriza engeri ez’okubuuliramu ekkanisa yaffe by’ekkiririzaamu mu bulambulukufu, obuyiiya, wamu n’obwerufu bwa Bayibuli. Okwagala kwa Yesu ka kubeere ekinyusi kya buli kimu kye tukkiriza.
- Ai Mukama, tukusaba otegeke abavubuka embulakalevu okuteekawo amakanisa ku lw’ebibinja by’abantu 789 ebiri mu nsi 9 eza North American Division.
- Tukusaba okutegeka bannakyewa okuweereza ebibinja by’abantu ebiwerera ddala 70 ebiri mu Israel Field.
- Tukusaba okuyimusa abaminsane ab’eby’obulamu okuteekawo amakanisa mu bibinja by’abantu 830 ebiri mu nsi 11 eza East-Central Africa Division.
- Tukusaba okuyimusa bannamige mu kusaba beegayirire ku lw’ebibinja 2,568 ebiri mu mawanga 4 agali mu Southern Asia Division.
- Twegayirira oganye amaka gaffe okwolesa okwagala Kwo gyetubeera ne mu bitundu by’ewaffe. Tukusaba oleetewo enkwatagana mu maka gaffe, owonye enkolagana ezifunyeemu obuzibu, okuume bonna abatukugunyizibbwa, awamu n’okwolesa amaanyi Go agatukuza mu mbeera ezirabika nga ezibulamu essuubi.
- Tukwegayirira okuyimusa abasawo n’abajjanjabi okuteekawo amakanisa mu bibainja by’abantu ebiwerera ddala 1,978 ebiri mu mawanga 22 eziri mu West-Central Africa Division.
- Tusabira abantu abawerera ddala obukadde 49 abali mu bibuga 19 ebiri mu Trans-European Division.

- Tusabira abaana baffe. Tukwegayirira okubazzaamu amaanyi okusobola okuyimirira ku lulwo nga basisinkanye emiziziko n'okunyigirizibwa. Bayambe okusobola okusalawo n'amagezi n'okunywerera ku mazima.
- Otuyigirize okugoberera eky'okulabirako kya Kristo eky'obuteerowoozaako nga tufaayo ku byetaago by'abantu abatuli okumpi ebya buli lunaku. Tuwe obusobozi okuweereza ng'abaminsane ab'eby'obuljjanjabi, bannakyewa mu bitundu byaffe, era ab'emikwano eri abali mu bwetaavu.
- Tusabira abakulembeze b'abavubuka okwetoloola ensi abali mu buweereza obw'okutuusa obusika bwaffe eri omulembe oguddako: ekikula mu Kristo, omulimu nga aba Seventh-day Adventist, n'obukulembeze mu kkanisa zaffe.
- Tusabira abavubuka baffe abali mu bulamu obuzibu okuyita mu buweereza obwa "One Year in Mission" ne "Mission Caleb."
- Tusabira abakkiriza baffe, abasumba, n'abakulembeze mu nsi yonna okuyiganga Ekigambo kya Katonda buli lunaku. Era tusaba okukunoonyanga buli lunaku mu kusaba kwaffe okw'obuntu. Tusaba otujjukizenga nti wootali, mpaawo kye tusobola kukola.

OLUNAKU 1 – OBUKULU BW'OKUSABA OBW'EMBAGIRAWO

"Talisinga nnyo Kitammwe ali mu ggulu okuwa Omwoyo Omutukuvu abamusaba!" – Lukka 11:13.

Ekkatala Eritali Lyangu

Obungi bw'abantu mu nsi bweyongedde nnyo. Omuwendo gw'abantu ogukyasembyeeyo gulaga nga ensi yaffe ewezezza obungi bwa bantu 7.8 billion abatudde ku sseŋŋeendo eno eyetoloola ku misinde egya mayiro 67,000 buli ssaawa. Ebibalo biraga nti abaana 385,000 be bazaalibwa buli lunaku, kweggamba buli mwaka ensi efuna obukadde 140 obw'abaana, ne kituleetera okwebuuza engeri gye tunaatwalamu amawulire amalungi ag'enjiri n'okukomawo kwa Kristo eri bonna. Buli mwaka kyenkana wazaalibwaayo abantu abakubisaamu emirundi musanvu ku bakkiriza ba Seventh-day Adventist Church.

Kale ka tugezeeko okusoomoozebwa mu ngeri endala. Ebibuga by'ensi bikulira ku misinde mingi. Waliwo ebibuga ebiwerera ddala 548 nga birina abantu akakadde kalamba n'omusobyo. Ebibuga bingi ebiri mu mawanga ag'enjawulo nga ekkanisa ya Seventh-day Adventist Church eriyo kitono ddala. Abantu bangi abafa nga tebategedde Kristo wamu n'amawulire amalungi ag'obulokozi n'essuubi ery'okukomawo Kwe omulundi ogw'okubiri.

Okuyita mu Buyinza obw'Omwoyo Omutukuvu

Okufuba kw'obuntu kwonna tekusobola kumatiza mu mulimu ogw'okuwangula emyoyo eri Kristo, kubanga enteekateeka zaffe teziriiko kye zigasa okuggyako nga Omwoyo Omutukuvu y'aziganyizza. Okuyita mu buyinza bw'Omwoyo Omutukuvu mwokka ensi mw'esobolera okutuusibwaako obubaka bw'eggulu obw'ekiseera eky'enkomerero. Okuyita mu buyinza obw'Omwoyo Omutukuvu mwokka amawanga agatannayingizibwaamu njiri mwe gasobolera okukolerwaamu omulimu. Okuyita mu buyinza obw'Omwoyo Omutukuvu mwokka ebitundu byaffe gye tubeera mwe bisobolera okukolebwaamu omulimu. Era emawulire amalungi ennyo gali nti Katonda yatandika dda okukola omulimu mu bifo bino ebizibu okutuukamu. Atuyita okumunoonya okusobola okufuna amaanyi ag'okutuukiriza ekkatala lino eryatuweebwa.

Talisingawo Nnyo

Yesu n'agamba nti, "Kale oba nga mmwe ababi mumanyi okuwa abaana bammwe ebirabo ebirungi, talisinga nnyo Kitammwe ali mu ggulu okuwa Omwoyo Omutukuvu abamusaba" (Lukka 11:13). Wetegereze ebigambo bino "talisingawo nnyo" mu lunyiriri lwaffe. Yesu ayagala okukola ekisukkiridde eri buli ssekinnoomu era n'eri ekkanisa Ye okusinga bwe tuyinza okukifumiitirizaako. Atukuutira okusaba Omwoyo Omutukuvu, okwegayirira okufuna Omwoyo, okunoonya omukisa ogw'Omwoyo n'omutima gwaffe gwonna – ssi lwakubanga

tayagala kumutuwa naye lwakubanga tetuli beetefuteefu kumufuna. Nga tutaandika ennaku ekkumi ez'okusaba okw'eddaaza eppya, ka tukaayanire ekisuubizo kino fenna.

"Ekisuubizo ky'Omwoyo Omutukuvu tekirina nsalo za myaka oba eggwanga. Kristo yalangirira nti amaanyi ag'Omwoyo Omutukuvu gaali ga kubeera n'abagonerezi Be okutuusa ku nkomerero. Okuva ku Lunaku lwa Pentekoote okutuusa kaakano, Omubeezi aweerezebbwa eri bonna abeewaddeyo mu bujjuvu eri Mukama n'eri obuweereza Bwe." (*The Acts of the Apostles, p. 49*).

Ekiseera eky'Okusaba (Eddakiika 30 – 45)

Obujulirwa okuva mu Nnaku Ekkumi ez'Okusaba kwa 2021

"Ndi musanyufu olw'Ennaku Ekkumi ez'Okusaba. Mpulira nga omuliro ogukumiddwa mu nze. Mpaayo obudde bungi nga njiga Bayibuli wamu n'okubeera ne Mukama. … Neebaza era ntendereza Katonda olw'okunzibula amaaso gange, omutima gwange, n'obwongo bwange okusobola okukkiririza ddala Yesu wamu n'Omwoyo Omutukuvu mu bulamu bwange." (Constance).

Ekisuubizo Eky'amaanyi

"Nate mbagamba nti Oba bannammwe babiri bwe beetabang ku nsi buli kigambo kyonna kye balisaba, kiribakolerwa Kitange ali mu ggulu. Kubanga we baba ababiri oba basatu nga bakuŋŋaanye mu linnya lyange, nange ndi awo wakati waabwe" (Matayo 18:19, 20). 'Munsabe, nange nja kwanukulira okusaba kwammwe.' Ekisuubizo kikolebwa ku kakwakkulizo **ak'okubeera n'obwegaffu mu kusaba nga ekkanisa, era mu kwanukulibwa kw'essaala zino tusobola okusuubira amaanyi amangi okukira ku ago agava mu kwanukulibwa okw'essaala eya ssekinnoomu. Amaanyi agabalukawo gajja kwenkankana n'obwegaffu bw'abakkiriza wamu n'okwagala kwabwe eri Katonda ne bantu bannaabwe**" (Ellen G. White, *Manuscript Releases,* vol. 9, p. 303).

Obubondo bw'okusaba bubeera n'engeri ez'enjawulo ez'okusabira awamu. Tubakubiriza okuwaayo eddakiika 30 – 45 mu kusaba okw'awamu, era mu ngeri yonna Omwoyo Omutukuvu gy'anaabaluŋŋamyaamu. Waliwo ebirowoozo wammanga ku ngeri ey'okusabira mu Byawandiikibwa. Musobola okusabira mu buwandiike obulala, beppo n'okweyambisa endagiriro y'Omukulembeze okusobola okufuna ebirowoozo by'okusaba ebirala.

Okusabira mu Kigambo kya Katonda – Lukka 11:13.

"Talisinga nnyo Kitammwe ali mu ggulu okuwa Omwoyo Omutukuvu abamusaba!"

“Talisingawo Nnyo”

Katonda oli mulungi. Onjagaliza okuba obulungi okusinga ku muzadde yenna ayinza okunjagala ennyo. Ommanyidde ddala okuva munda yange n’omutima gwange, era Ggwe wekka ategeera engeri ey’okuntereeza, okumponya, n’okunkyuusa.

“Omwoyo Omutukuvu”

Ayi Yesu, webale olw’ekisuubizo ky’Omwoyo Omutukuvu. Aleeta emikisa gya Katonda mu bulamu bwaffe. Akugulumizisa mu mitima gyaffe. Ateekesa mu nkola emiganyulo gy’obulokozi gye watufunira e Kaluvaaliyo mu bulamu bwaffe. Webale nnyo olw’ekirabo kino!

“Abamusaba”

Ayi Kitange, nkaayanira ekisuubizo ekya Lukka 11:13 leer. Buli lunaku nja kusabanga okujjuza obulamu bwange n’okubeerawo wamu n’amaanyi ag’Omwoyo Omutukuvu. Bambi nsaba okunzigirawo emisanvu gyonna eginkugira okweweerayo ddala gy’oli. Mbatiza awamu n’ekkanisa yange buggya n’Omwoyo Omutukuvu tusobole okugulumiza Yesu mu nsi ekwetaaga.

Ebirowoozo Ebirala Eby’okusaba

Okwebaza n’Okutendereza: Mwebaze olw’emikisa egy’obwebange era mutendereze Katonda olw’obulungi Bwe.

Okwatula: Waayo eddakiika ntonotono ol’okwatula okw’obuntu era webaze Katonda olw’okusonyiwa Kwe.

Okulambikibwa: Saba Katonda okukuwa amagezi ag’okuyita mu kusoomoozebwa n’okusalawo ku bigenda mu maaso.

Ekkanisa yaffe: Sabira ebyetaaga by’ekkanisa eby’ebbendobendo n’eby’ensi yonna.

Eby’okusabira: Sabira ebyetaago by’abakkiriza abali mu kkanisa, mu maka, ne baliraanwa.

Wuliriza era Oyanukule: Waayo ekiseera okuwuliriza eddoboozi lya Katonda era oyanukulire mu kutendereza oba oluyimba.

Ennyimba:

1. Ky’ekiseera ky’okusaba - #135

Special (Church Hymnal):

- Sweet, Sweet Spirit - #262

- Spirit Of The Living God - #672
- Fill My Cup, Lord - #493
- Come, Holy Spirit - #269

OLUNAKU 2 – ENJIRI EY'EMIREMBE N'EMIREMBE WAMU N'OKUSABA

"Ne ndaba malayika omulala ng'abuuka mu bbanga ery'omu ggulu ng'alina enjiri ey'emirembe n'emirembe, okubuulira abatuula ku nsi na buli ggwanga n'ekika n'olulimi n'abantu" (Okubikkulirwa 14:6)

Obubaka Obukulu Ennyo

Katonda awadde sseŋŋeendo waffe ono obubaka obukulu ennyo nga butegekeddwa ku lw'ekiseera kyaffe okuyita mu bubaka bwa bamalayika abasatu obuli mu Okubikkulirwa 14:6-12. Yokaana ng'ali ku kizinga eky'e Patimo, yatuwa ennyanjula ey'obubaka buno obw'enjawulo. Era kitugwanira okwetegereza ensonga ssatu nga tetunnaba kubakana n'obubaka bwennyini. Ensonga esooka, eri ku nsibuko yaabwo entukuvu. Obubaka buva butereevu ku nnamulondo ya Katonda. Kino kiragibwa mu ngeri eya malayika abuukira mu bbanga ng'abutuusa eri olulyo lw'omuntu. Ensonga ey'okubiri, y'eyobubaka okuleetebwa malayika "ng'abuuka." Kino kyoleka obubaka okubeera nga bwa mangu; tebulina kulwaawo kubuulirwa. Ensonga ey'okusatu, bwe bubaka okubeera nga bwa bulamu obutaggwaawo, nga kitegeeza nti bukola ku buli mulembe. Tebuweerezebbwa kika ky'abantu ekimu oba olulimi, wabula bulina okubuulirwa eri "buli ggwanga, ekika, olulimi, n'abantu."

Ekinyusi ekiri mu bubaka buno ky'ekyokubeera nti "njiri ey'emirembe n'emirembe," oba amawulire amalungi agakwaata ku bulamu bwa Kristo obw'okwewaayo nga ssaddaaka, obuweereza Bwe obw'okwagala, okufa Kwe okw'okutangirira, okuzuukira Kwe okwebyewuunyo, obuweereza Bwe obw'obwa kabona mu kifo ekisinga obutukuvu, wamu n'okudda Kwe mu kitiibwa omulundi ogw'okubiri. Okwolesebwa okw'enjiri ey'emirembe n'emirembe okuli mu Okubikkulirwa 14 kukakasa ebigambo bya Katonda ebiri mu Matayo 24: "N'enjiri eno ey'obwakabaka eribuulirwa mu nsi zonna, okuba omujulirwa mu mawanga gonna; awo enkomerero n'eryoka ejja" (Matayo 24:14). Ebigambo bya Kristo ky'ekisuubizo nti enjiri ejja kubuulirwa mu nsi yonna nga okukomawo Kwe tekunnabaawo. Wajja kubaawo okudda obuggya okw'amaanyi mu bantu ba Katonda. Bajja kuyimirira n'obuvumu, balabe obwangu obwetaagisa, awamu n'okujjuzibwa Omwoyo Omutukuvu, bayolese okwagala kwa Yesu, ekisa, wamu n'amazima eri ensi eyekuyengera mu kwonoona nga erindiridde okufiira mu kibi.

Ellen G. White agamba bw'ati, "Nga ekiseera ky'emisango gya Katonda tekinnaba kutuuka ku nsi, wajja kubeerawo okudda obuggyaokw'obutukuvu mu bantu ba Mukama okutalabibwangako okuva mu biseera by'abatume. Omwoyo n'amaanyi ga Katonda bijja kuyiibwa ku baana Be. Mu kiseera ekyo abantu bangi abajja okwetakkuluza ku masinzizo ago agettanira okwagala eri eby'ensi mu kifo ky'okwagala Katonda n'Ekigambo Kye. Bangi, omuli abaweereza n'abantu, bajja kukkiriza n'essanyu amazima ag'amaanyi Katonda gaaganyizza okubuulirwa mu kiseera kino olw'okuteekateeka abantu olw'okukomawo kwa Mukama omulundi ogw'okubiri" (*The Great Controversy*, p. 464).

Obubaka obwa Kubikkulirwa 14 nga tebunnaba kubuulirwa eri ensi yonna, okudda obuggya mu by'omwoyo mu bantu ba Katonda kujja kubasobozesa okukolera awamu ne Katonda mu kumaliriza omulimu Gwe. Ka tusabire wamu okufuna okudda obuggya okwo mu by'omwoyo mu bulamu bwaffe, nga tuteekebwateekebwa olw'ebijja mu kuzingibwaako okw'ebyafaayo by'Ensi.

Ekiseera eky'Okusaba (Eddakiika 30 – 45)

Obujulirwa okuva mu Nnaku Ekkumi ez'Okusaba kwa 2021

"Ennaku Ekkumi ez'Okusaba zandeetera eky'amagero ky'okuwona gyendi. Naweebwa ekitanda olw'obulwadde bwe nnali nfunye nga Ennaku Ekkumi ez'Okusaba zinaatera okutandika. Nawulira mpeddemu essuubi, nga essaala zange ziringa ezitakola makulu kubanga embeera yange nga yeyongera kubeera mbi. Nayanirizibwa okwetaba mu Ennaku Ekkumi ez'Okusaba nga ndi ku kitanda. Gwe gw'ali omulundi gwange ogusooka okuzetabamu. Nga tuli mu kusaba okw'ekiro okuyita mu nkola ya 'Zoom video call,' bangi abaasabira okuwonyezebwa kwange. Nneebaza Katonda olwa bonna abaasabira byonna bye twawangayo buli kiro …. Katonda abadde wa kisa gyendi kubanga nasiibulwa mu ddwaliro nga Ennaku Ekkumi ez'Okusaba tezinnaba kukomekkerezebwa. Amaanyi Ge agawonya ge ganfuula omulamu, kuba nnali mulwadde naye n'ankwatako. Eky'amazima essaala yaddibwaamu! (Harley).

Okusabira mu Kigambo kya Katonda – Okubikkulirwa 14:6

"Ne ndaba malayika omulala ng'abuuka mu bbanga ery'omu ggulu ng'alina enjiri ey'emirembe n'emirembe, okubuulira abatuula ku nsi na buli ggwanga n'ekika n'olulimi n'abantu."

"Enjiri ey'Emirembe n'emirembe"

Ai Katonda, nkusaba oyongerenga okumpa embeera ey'okusiimanga obubaka obw'enjiri. Nkusaba ompe essanyu ery'obulokozi era okyuuse obulamu bwange, nga abantu bwe bandaba bategeera amaanyi g'enjiri oluvannyuma ne bawalulibwa okujja eri Yesu.

"Okubuulira Abo Abatuula Ku Nsi"

Ai Kitange, nandyagadde embeera y'enjiri wamu naawe nsobole okugabana n'abalala amawulire gano amalungi mu bigambo ne mu bikolwa. Nkozesa olw'okutwaala obubaka eri ab'eŋŋaanda, ab'emikwano, bakozi bannange, baliraanwa, n'abantu bonna be nsobola okutuukako.

“Eri Buli Ggwanga”

Ensi esemberedde enkomerero yaayo, kyokka nga bangi bali mu nzikiza. Ayi Yesu, nkusaba ompeeyo omukisa mu ddima-nsi eno okusobola okugabana amawulire amalungi agakwaata ku mukisa Gwo ogw’obulokozi n’omuntu omulala yenna. Nkusaba ompe obukodyo n’amagezi okusobola okukujulira eri abantu ab’amawanga amalala, ab’obuwangwa obulala, n’ebiringa ebyo. Webale olw’okubeera nti oyita buli muntu okukkukkiririzaamu.

Ebirowoozo Ebirala Eby’okusaba

Okwebaza n’Okutendereza: Mwebaze olw’emikisa egy’obwebange era mutendereze Katonda olw’obulungi Bwe.

Okwatula: Waayo eddakiika ntonotono ol’okwatula okw’obuntu era webaze Katonda olw’okusonyiwa Kwe.

Okulambikibwa: Saba Katonda okukuwa amagezi ag’okuyita mu kusoomoozebwa n’okusalawo ku bigenda mu maaso.

Ekkanisa yaffe: Sabira ebyetaaga by’ekkanisa eby’ebbendobendo n’eby’ensi yonna.

Eby’okusabira: Sabira ebyetaago by’abakkiriza abali mu kkanisa, mu maka, ne baliraanwa.

Wuliriza era Oyanukule: Waayo ekiseera okuwuliriza eddoboozi lya Katonda era oyanukulire mu kutendereza oba oluyimba.

Ennyimba:

1. Anoonya n’ekisa - #228
2. Ontegeeze Ebya Yesu - #54
3. Ontegeeze ku Bya Yesu- #34
4. Gw’oli Mutukuvu - #1
5. Ggwe Yesu Oli Wange #51

Special/Ez’enjawulo(Church Hymnal)::

- At the Cross
- Burdens Ae Lifted at Calvary

OLUNAKU 3 – OMULIMU GWA KATONDA N'OKUSABA, EKITUNDU 1

"*Naye muliweebwa amaanyi, Omwoyo Omutukuvu bw'alimala okujja ku mmwe, natnmwe munaabanga bajulirwa bange mu Yerusaalemi ne mu Buyudaaya bwonna ne mu Samaliya, n'okutuusa ku nkomerero y'ensi*" -(Ebikolwa 1:8).

Ekisuubizo eky'Omulimu Ogutasoboka

Obubaka bwa bamalayika abasatu bwa kukoowoola okw'amangu ku lw'omulimu. Ekkatala ly'okutwaala obubaka eri ensi yonna erirabika nga eritasoboka liyinzika okuyita mu maanyi ag'Omwoyo Omutukuvu. Okusoomooza okw'omulimu mu kiseera ekisembayo kufaanaganira ddala n'okusoomooza okw'ali mu kkanisa ey'Endagaano Empya mu kitabo kya Ebikolwa by'Abatume. Ekisuubizo ekya Mwoyo kituweebwa nga bwe kyaweebwa Yesu mu Ebikolwa 1:8: "Naye muliweebwa amaanyi, Omwoyo Omutukuvu bw'alimala okujja ku mmwe, natnmwe munaabanga bajulirwa bange mu Yerusaalemi ne mu Buyudaaya bwonna ne mu Samaliya, n'okutuusa ku nkomerero y'ensi." Ekkanisa y'Endagaano Empya yasobola okutegeerebwa mu nsi okuyita mu maanyi aga Mwoyo Omutukuvu. Enkumi z'abantu zakkiriza Kristo nga Masiya era ne babatizibwa.

Ekitabo kya Ebikolwa by'Abatume kitulaga enkolagana eriwo wakati w'ekkanisa esaba n'ekkanisa ejjudde Omwoyo ow'okubuulira. Ebikolwa 1:14: "Abo bonna baali nga banyiikira n'omwoyo gumu mu kusaba." Mu Ebikolwa 2:42: "Ne baba nga banyiikiriranga okuyigirizibwa kw'abatume, ne mu kusseekimu, ne mu kumenya emigaati ne mu kusaba." Ebikolwa 4:31 wayongerako nti, "Bwe baamala okusaba, mu kifo we baakuŋŋaanira ne wakankana; bonna ne bajjula Omwoyo Omutukuvu, ne boogera ekigambo kya Katonda n'obuvumu." Wetegereze ensonga ssatu mu buwandiike obwakasembyeyo. Abakkiriza baasaba, ne bajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu, era ekyavaamu kwe kubeera nti baabuulira Ekigambo kya Katonda n'obuvumu oba, n'embavu. Okusaba, Omwoyo Omutukuvu, n'omulimu tebyawukanyizibwa.

Tulina Okumufuna

Bweyali ayogera ku mbeera y'abayigirizwa, Ellen. White agamba, "Tulina okusabanga okukka kw' Omwoyo Omutukuvu nga abayigirizwa bwe baamusaba ku Lunaku olwa Pentekoote. Bwekiba nga baamwetaaga mu kiseera ekyo, tusingawo nnyo okumwetaaga leero" (Testimonies for the Church, vol. 5, pg. 158). Nga nsonga ntukuvu nnyo! Bwekiba ng'abayigirizwa baali mu bwetaavu obw'okufukibwa kwa Mwoyo Omutukuvu okusobola okutwaala enjiri eri ensi, kale obwetaavu bwaffe bw'amaanyi nnyo mu kufuna amaanyi

ag'Omwoyo Omutukuvu. Ensi ngazi nnyo, nzibu ekyenkanidde awo, era esambazze nnyo ebya Katonda ensangi zino.

Kino ky'ekiseera eky'okunoonya Katonda mu kusaba olw'okufuna amaanyi g'Omwoyo agatakoma mu kutuukiriza ekyo ekirabika nga ekitasoboka. Ellen White awandiika bw'ati, "Okukka okw'Omwoyo Omutukuvu kutunuulirwa nga ensonga eky'ali mu maaso, wabula mukisa gwa maanyi nnyo eri ekkanisa bwe kufunibwa kaakano. Mukunoonye, mukusabire, era mube n'okukkiriza mu kkwo. Tulina okukufuna, era n'eggulu lirindiridde okulaba nga kututuukako" (*Evangelism,* p. 701).

Nsaba fenna tunoonye amaanyi ag'Omwoyo Omutukuvu okusobola okutuukiriza okubuulira kw'obubaka obwa bamalayika abasatu mu mulembe gwaffe. Ka tunoonyeze wamu Katonda nga tuyita mu kusabira okufukibwa okw'Omwoyo Omutukuvu.

Ekiseera ky'Okusaba (Eddakiika 30 – 45)

Obujulirwa okuva mu Ennaku Ekkumi ez'Okusaba 2021

"Namala ebiseera byange bingi mu bukulu nga nnoonya essanyu okuva mu bintu eby'ensi eno. Natera nga okwegamba nti singa nfuna omusajja omutuufu, omulimu omutuufu, okusala ku buzito, nja kubeera nga nzudde essanyu lyange. Kyankuba enkukwe nti gyennakoma okwewaayo eri ebyoto by'ensi, gyennakoma okuwulira nga ndi mwereere atalinaamu yadde ensa. Mbaddenga mpeerezebwa obubaka obw'Ennaku Ekkumi ez'Okusaba okuyita mu e-mail, wabula nga eky'amazima sibuyitangamu bwonna. Nga amaanyi gange nsinga kugamilra mu kutereeza binnemye mu bulamu bwange, bakira nga ensulo ey'Amazzi Amalamu eri awo kumpi nange! Ku luno nasalawo okugezaako ku Yesu n'okutambulira ku Kigambo Kye. Nga zino zibadde Nnaku Kkumi ensuffu bannange! Nga Malyamu bweyali ku ntaana ya Yozefu ow'e Alimasaaya, nalaba Yesu era mbategeeza nti Mulamu! Kristo ampadde endaba empya ku kusaba, obuwulize, n'okukkiriza. Nawaayo omutima gwange eri Mukama nate oluvannyuma lw'okwatula ebibi byange era namusaba abeere nange. Kaakano nnina ensonga nnyingi ez'okubeera omulamu!" (Thuto)

Okusabira mu Kigambo Kya Katonda - Ebikolwa 1:8

"*Naye muliweebwa amaanyi, Omwoyo Omutukuvu bw'alimala okujja ku mmwe, nammwe munaabanga bajulirwa bange mu Yerusaalemi ne mu Buyudaaya bwonna ne mu Samaliya, n'okutuusa ku nkomerero y'ensi*."

"Naye Muliweebwa Amaanyi"

Ai Katonda, nkimanyi nti siyinza era ndi munafu bwe kituuka mu kutuukiriza omulimu ogwa bamalayika abasatu gwe watukwaasa. Munene nnyo era tegusoboka mu buntu. Nkwebaza olw'okutusuubiza amaanyi aga Mwoyo Omutukuvu. Nzikiriza obwetaavu bwange obw'amaanyi

obw'okubatizibwa okw'Omwoyo buli olukedde, n'okubeera n'obwesige mu kisuubizo Kyo eky'okuzzaamu amaanyi abo abateeka obwesige bwabwe mu Ggwe.

"Munaabanga Bajulirwa Bange"

Ai Yesu, nkwebaza olw'okunfuula omujulirwa ow'okwagala Kwo, amazima, n'amaanyi agakyuusa. Bambi nkusaba ompe embavu okusobola okugabana n'abalala ku ebyo by'onkoledde mu nnaku zino ezifundikira ebyafaayo by'ensi. Yongera okunteerawo emikisa egy'okukujulira n'okubuulira abalala ku busukkulumu Bwo.

"N'okutuusa ku Nkomerero Y'ensi"

Ai Kitange, nkimanyi nti obugazi bw'omulimu gwange butandikira waka ne bugaziyira ku miriraano, ku kitundu ky'ewaffe, ekyalo kyange n'ekibuga, n'eri ensi yonna. Nsaba ondage engeri gye nnyinza okwegatta mu mulimu Gwo okusinziira wendi leero, n'engeri gye nsobola okuwagiramu omulimu gw'enjiri okwetoloola ensi yonna.

Ebirowoozo Ebirala Eby'okusaba

Okwebaza n'Okutendereza: Mwebaze olw'emikisa egy'obwebange era mutendereze Katonda olw'obulungi Bwe.

Okwatula: Waayo eddakiika ntonotono ol'okwatula okw'obuntu era webaze Katonda olw'okusonyiwa Kwe.

Okulambikibwa: Saba Katonda okukuwa amagezi ag'okuyita mu kusoomoozebwa n'okusalawo ku bigenda mu maaso.

Ekkanisa yaffe: Sabira ebyetaaga by'ekkanisa eby'ebbendobendo n'eby'ensi yonna.

Eby'okusabira: Sabira ebyetaago by'abakkiriza abali mu kkanisa, mu maka, ne baliraanwa.

Wuliriza era Oyanukule: Waayo ekiseera okuwuliriza eddoboozi lya Katonda era oyanukulire mu kutendereza oba oluyimba.

Ennyimba:

- Emikisa Emingi - #245
- Annuŋŋamya - #151
- Twala Obulamu - #227
- Yesu Mukama Wange- #59

Special/Ez'enjawulo(Church Hymnal):

- As we come to you in prayer - #671
- Be thou my vision - #54
- When I survey the wondrous cross - #154

OLUNAKU 4 – OMULIMU GWA KATONDA N'OKUSABA, EKITUNDU 2

"*Twebaza Katonda Kitaawe wa Mukama waffe Yesu Kristo, nga tubasabira ennaku zonna, bwe twawulira okukkiriza kwammwe mu Kristo Yesu, n'okwagala kwe mulina eri abatukuvu bonna, olw'essuubi eryatsaterekerwa mu ggulu, lye mwawulira edda mu kigambo eky'amazima ag'enjiri, eyajja gye muli; era nga bw'eri mu nsi zonna, ng'ebala ebibala era ng'ekula, era nga ne mu mmwe, okuva ku lunaku bwe mwawulira ne mutegeera ekisa kya Katonda mu mazima*" – Abakkolosaayi 1:3-6.

Okukula Okw'amangu

Ekkanisa ey'Endagaano Empya yakula mu bwangu obutagambika. Omwoyo Omutukuvu yakka mu maanyi ag'ekitalo nga kwe kwanukulibwa eri okusaba okw'obunyiikivu era okw'omu mutima. Abantu enkumi ssatu be baabatizibwa mu kifo kimu ate mu lunaku lumu bwe luti. Bwe tusomako mu Ebikolwa 4:4, wagamba nti: "Naye abamu bangi abaawulira ekigambo ne bakkiriza, omuwendo gw'abasajja ne baba ng'enkumi ttaano." Kino kitegeeza nti bwe tugattako abakyala n'abaana, omuwendo gw'abakkiriza oluvannyuma lwa Pentekoote gulabika okubeera nga gw'ali wakati wa 15,000 – 20,000. Ekkanisa yeyongerera ddala okukula okusinziira ku bwe tusoma mu kitabo kya Ebikolwa, era mu Ebikolwa 6 tulaba nga bakabona n'abakulembeze b'enzikiriza bangi abaafuuka abawulize eri okukkiriza (vs. 7). Obuwandiike butulaga ku kubuulira kwa firipo mu Samaliya, eŋŋeendo za Pawulo ez'obuminsane mu bbendobendo ly'e Mediterranean, Peetero ng'asomera Koloneeliyo Ebyawandiikibwa, wamu n'abakkiriza okujjuzibwa Omwoyo Omutukuvu n'okugabana obubaka bwa Kristo buli wamu. Enjiri yabuna wangi nnyo mu nsi era ne kireetera ne Pawulo okulangirira nti enjiri emaze okubuulirwa eri buli kitonde ekiri wansi w'eggulu (Abakkolosaayi 1:23).

Embeera ey'ekkanisa y'Endagaano Empya etuwa ekifaananya eky'essimba ku butya ekkanisa ya leero bw'erina okukola nga tulindirira okujja kwa Mukama waffe. Kiki ekyagiviirako okubeera n'obuwanguzi? Lwaki ekkanisa y'Endagaano Empya yakulira ku misinde emingi bwegityo? Ka twetegerezeeko ku nsonga zino. Ekkanisa ey'Endagaano Empya yannyikiza buli kimu kye yakolanga mu kusaba. Obulamu bwayo bwonna bwatambuliranga ku Katonda era nga kwe yesigamye. Baakitegeera nti banafu nnyo okusobola okutuukiriza omulimu gwa Yesu singa tebafuna maanyi ga Yesu. Ellen White ekiggyayo bulungi nti:

"Tulina okutunulanga enkaliriza ku Yesu, nga tukimanyi nti amaanyi Ge ge gakola omulimu. Nga tulafuubana okulaba nga abaabula balokolebwa, kitugwanira okufunangayo akadde twefumiitirize, tusabe, awamu n'okuyiga Ekigambo kya Katonda. Omulimu gwokka ogukolebwa mu kusaba okw'amaanyi, era ogutukuzibwa n'okusaanira kwa Kristo gwe gujja okukakasa enkola yonna ku lw'obulungi." (*The Desire of Ages,* p.362).

Omulimu gwa Katonda – Mu Ngeri ya Katonda

Wegendereze era wetegreze bulungi ekiragiro kino. Amaanyi ga Kristo ge gatuukiriza omulimu Gwe okuyita mu ffe. Ssi magezi gaffe, ssi kutegeera kwaffe, ssi kubuguumirira kwaffe, yadde okutegeera kwaffe. Amagezi ag'okulokola emyoyo gava wa Yesu. Amaanyi agakyuusa obulamu ga Kristo era gava mu Ye mwokka. Kale kweggamba bw'okitunuulira obulungi kitegeeza nti Omulimu gwokka ogukolebwa mu kusaba okw'amaanyi, era ogutukuzibwa n'okusaanira kwa Kristo gwe gujja okukakasa enkola yonna ku lw'obulungi. Omulimu gwa Katonda gulina kutuukirizibwa kuyita mu ngeri ya Katonda mwokka.

Waliwo omwagalwa gwe wandiyagadde okulaba mu bwakabaka bwa Katonda? Olinayo mukozi munno oba mukwano gwo eyetaaga Yesu? Waliyo omuntu gw'omanyi nga yatambulako n'abakkiriza ba Katonda naye nga yaseerera mu mazima? Wandiika amannya gaabwe ku lupapula era oluteeke mu Bayibuli awqali 1 Yokaana 5:14-17. Kaayanira ekisuubizo kya Katonda buli lunaku ku lw'abaagalwa bo. Kaakano, ka tufuneyo ekiseera ekitonotono Katonda atujjukize abantu be tulina okubuulira, era oluvannyuma tufukamire tubasabire.

Ekiseera eky'Okusaba (Eddakiika 30 – 45)

Okusabira mu Kigambo kya Katonda – Abakkolosaayi 1:3-6

"Twebaza Katonda Kitaawe wa Mukama waffe Yesu Kristo, nga tubasabira ennaku zonna, bwe twawulira okukkiriza kwammwe mu Kristo Yesu, n'okwagala kwe mulina eri abatukuvu bonna,olw'essuubi eryatuterekerwa mu ggulu, lye mwawulira edda mu kigambo eky'amazima ag'enjiri, eyajja gye muli; era nga bw'eri mu nsi zonna, ng'ebala ebibala era ng'ekula, era nga ne mu mmwe, okuva ku lunaku bwe mwawulira ne mutegeera ekisa kya Katonda mu mazima."

"Tubasabira Ennaku Zonna"

Ai Mukama, twatula gy'oli nti tetuwaddeeyo kiseera kimala mu kusaba. Twesigamidde nnyo ku magezi gaffe n'enteekateeka zaffe mu bye tukola byonna. Ate bwe kituuka ku kutuukiriza omulimu Gwo, tulemwa okunoonya okulambikibwa Kwo ekimala. Tusaba okusonyiyibwa. Tuyambe okubeera ekkanisa ensabi, era ekkanisa eyesigama ku Gwe olw'obuwanguzi sso ssi ku ndowooza n'enteekateeka ez'obuntu. Kyuusa mu bulamu bwaffe obw'okusaba era otuwe okudda obuggya.

"Okukkiriza Kwammwe Mu Kristo Yesu"

Ai Mukama, tukitegedde nti omulimu gwokka ogukolebwa mu kusaba okw'amaanyi, era ogutukuzibwa n'okusaanira kwa Kristo gwe gujja okukakasa enkola yonna ku lw'obulungi. Bambi tukusaba otuyambe okusoosowaza okusaba okw'amaanyi era okwesimbu mu kutuukiriza omulimu gw'ekkanisa yaffe, beppo ne mu bulamu bwaffe obwa ssekinnoomu nga kw'ogasse n'amaka gaffe. Tukusaba otwongere okukkiriza mu busobozi Bwo okutuukiriza ebisuubizo Byo gyetuli.

“Okwagala Kwo Eri Abatuukuvu Bonna”

Ai Katonda ow’okwagala, watutonda n’obusobozi obw’emirembe n’emirembe okukula mu kwagala Kwo. Webale nnyo olw’okufukumula okwagala Kwo mu mitima gyaffe bwetutyo naffe otusobozese okwagala abo abatwetoolodde.

Ebirowoozo Ebirala Eby’okusaba

Okwebaza n’Okutendereza: Mwebaze olw’emikisa egy’obwebange era mutendereze Katonda olw’obulungi Bwe.

Okwatula: Waayo eddakiika ntonotono ol’okwatula okw’obuntu era webaze Katonda olw’okusonyiwa Kwe.

Okulambikibwa: Saba Katonda okukuwa amagezi ag’okuyita mu kusoomoozebwa n’okusalawo ku bigenda mu maaso.

Ekkanisa yaffe: Sabira ebyetaaga by’ekkanisa eby’ebbendobendo n’eby’ensi yonna.

Eby’okusabira: Sabira ebyetaago by’abakkiriza abali mu kkanisa, mu maka, ne baliraanwa.

Wuliriza era Oyanukule: Waayo ekiseera okuwuliriza eddoboozi lya Katonda era oyanukulire mu kutendereza oba oluyimba.

Ennyimba:

- Okwagala Mu Maka - #184
- Naagenda Gy’oyagala - #229
- Kaakano Tusiga - #55
- Wonya Bonna - #56

Special/Ez’enjawulo(Church Hymnal):

- Open My Eyes - #326
- Give Your Best to The Master - #572
- So I Send You - #578

OLUNAKU 5 – OBULAMU OBW'OBUWULIZE N'OKUSABA

"*Era buno bwe bugumu bwe tulina eri ye, nti bwe tusaba ekintu nga bw'ayagala, atuwulira: era bwe tumanya ng'atuwulira buli kye tusaba, tumanyi nga tulina ebyo bye tumusabye*" – 1 Yokaana 5:14, 15.

Tetulina Maanyi, Naye Ye Alina Amaanyi

Obubaka bwa bamalayika abasatu butuyita okubeera n'obulamu obw'obuwulize. Obubaka bwa malayika asooka bugamba nti, "Mutye Katonda, mumuwe ekitiibwa; kubanga ekiseera eky'omusango gwe kituuse" (Okubikkulirwa 14:7). Endagaano Empya yawandiikibwa mu lulimi Luyonaani era ekigambo *okutya* kiyimba okukozesebwa mu buwandiike buno okutegeeza *okuteekamu ekitiibwa, okusinza,* oba *okusukkulumya*. Ensonga yetoloolera ku mbeera ey'obuwulize eri Katonda, mu ngeri ey'okukkaanya okw'obwongo okubeera omuwulize eri ebyo by'ayagala. Omusajja omugezi akyogera bw'ati mu bigambo bye: "Ekigambo ekyo we kikoma wano; byonna biwuliddwa: otyanga Katonda, okwatanga ebiragiro bye; kubanga ekyo bye byonna ebigwanira omuntu. Kubanga Katonda alisala omusango gwa buli mulimu, wamu na buli kigambo ekyakwekebwa, oba nga kirungi oba nga kibi" (Omubuulizi 12:13, 14).

Bwe tulowooza ku kukuuma amateeka ga Katonda kitwanguyira nnyo okwesigama ku bunafu bwaffe, obuteeyinza bwaffe, n'obutasobola bwaffe okukola ekyo emmeeme zaffe kye zandyetaaze. Okusinziira ku mutume Pawulo, tusaanye okukimanya nti, "Kubanga kye nkola, ssikimanyi; kubanga kye njagala si kye nkola; naye kye nkyawa kye nkola" (Abaluumi 7:15). Omutume yalina ddagala ki ku buzibu obw'engeri nga eno? Alina ky'abuuza ku nkomerero y'essuula nti, "Nze nga ndi muritu munaku! ani alindokola mu mubiri ogw'okufa kuno? Nneebaza Katonda ku bwa Yesu Kristo Mukama waffe. Kale bwe kityo nze nzekka mu magezi ndi muddu wa mateeka ga Katonda, naye mu mubiri wa tteeka lya kibi" (Abaluumi 7:24, 25). Waliwo eddagala ly'ekizibu eky'okulemwanga, okwenenyanga, wamu n'okulemwanga nate. Pawulo atutegeeza nti eddagala eryo ye Yesu Kristo Mukama waffe. Ffe tuli banafu, naye Ye w'amaanyi. Tulemererwa, naye Ye wa buyinza. Embavu zitukeewa, naye Ye muyinza wa byonna. Ellen White alina engeri gy'akiggyayo obulungi mu bigambo bye yawandiika mu 1897:

"Eky'okulabirako kya Kristo kitulaga nti essuubi lyaffe ery'okuwangula liri mu butaddiriza kulwanagana na nkwe za Setaani mwokka. Oyo eyawangula omulabe w'emyoyo wakati mu kavuvuŋŋano k'ebikemo ategeera bulungi amaanyi ga Setaani ku lulyo lw'omuntu, era yatuwangulira. Nga bw'ali Omuwanguzi, atuwadde omukisa gw'obuwanguzi Bwe nga tufuba okulemesa ebikemo bya Setaani, atuyinzise okugatta obunafu bwaffe wamu n'amaanyi Ge, n'obutasaanira bwaffe ku bulungi Bwe. Era mu kulerebwa n'obuyinza Bwe wansi

w’okukemebwa okw’amaanyi, tusobole okulemesa mu linnya Lye ery’amaanyi era tuwangula nga bwe yawangula” (*Signs of the Times*, May 27, 1897).

Okukaayanira Obuwanguzi Bwe

Okusobola okubeera abawanguzi mu bulamu Obukristaayo kibaawo nga essira tulitadde ku buyinza bwa Kristo, sso ssi ku bunafu bwaffe. Nga tugenda mu kusaba, ka tukaayanire ekisuubizo ekiri mu 1 Yokaana 5:14, 15: “Era buno bwe bugumu bwe tulina eri ye, nti bwe tusaba ekintu nga bw'ayagala, atuwulira: era bwe tumanya ng'atuwulira buli kye tusaba, tumanyi nga tulina ebyo bye tumusabye.” Nga tukaayanira ekisuubizo kino mu kukkiriza, Yesu ajja kukola eby’ensusso awamu n’okutunyweeza okusobola okutambulira mu bulamu obutukuvu nga tweteekerateekera okukomawo Kwe okusembedde.

Ekiseera eky’Okusaba (Eddakiika 30 – 45)

Okusabira Mu Kigambo Kya Katonda – Omubuulizi 12:13, 14

“Ekigambo ekyo we kikoma wano; byonna biwuliddwa: otyanga Katonda, okwatanga ebiragiro bye; kubanga ekyo bye byonna ebigwanira omuntu. Kubanga Katonda alisala omusango gwa buli mulimu, wamu na buli kigambo ekyakwekebwa, oba nga kirungi oba nga kibi.”

“Tya Katonda”

Ai Mukama, tukitegeera nti Ggwe Katonda eyakola byonna, nnyini buyinza, era amanyi byonna. Osukkiridde nnyo okukira okumanya kwaffe, kyokka nga oli kumpi nnyo naffe okusinga n’abagalwa baffe abatuli ku lusegere. Tuli mu kusamaalirira olw’ekitiibwa Kyo, era tukusinza awamu n’okuyayaana okukussaamu ekitiibwa n’obulamu bwaffe bwonna.

“Kuuma Amateeka Ge”

Ai Katonda, tetulina busobozi bwonna munda yaffe okukuuma amateeka Go, n’okusobola okutambulira mu by’oyagala. Yesu yekka y’asobola okutuyamba. Tuyayaanira okukola by’oyagala, naye tulemererwa entakera. Webale nnyo olw’okubanga Yesu alina obuyinza okutuleetera obuwanguzi mu bulamu bwaffe. Tutunuulira Ye era ne twewaayo mu mikono Gye egy’obwesigwa. Ai Yesu, tusaba obulamu Bwo bwegazaanyize munda mu ffe.

“Na Buli Kigambo Ekyakwekebwa, Oba Nga Kirungi Oba Nga Kibi”

Ai Kitange, nkimanyi nti mpaawo kikwekeddwa maaso Go. Omanyi omutima gwange, era omanyi embeera zange zonna. Omanyidde ddala buli kimu ekigenda mu maaso mu nsi yonna. Webale nnyo olw’endowooza Yo gyendi ejjuddemu okwagala n’ekisa ebitasinziira ku ngeri gye mpuliramu, era sirina kutya kusala musangi kavuna mbeera mu Yesu.

Ebirowoozo Ebirala Eby'okusaba

Okwebaza n'Okutendereza: Mwebaze olw'emikisa egy'obwebange era mutendereze Katonda olw'obulungi Bwe.

Okwatula: Waayo eddakiika ntonotono ol'okwatula okw'obuntu era webaze Katonda olw'okusonyiwa Kwe.

Okulambikibwa: Saba Katonda okukuwa amagezi ag'okuyita mu kusoomoozebwa n'okusalawo ku bigenda mu maaso.

Ekkanisa yaffe: Sabira ebyetaaga by'ekkanisa eby'ebbendobendo n'eby'ensi yonna.

Eby'okusabira: Sabira ebyetaago by'abakkiriza abali mu kkanisa, mu maka, ne baliraanwa.

Wuliriza era Oyanukule: Waayo ekiseera okuwuliriza eddoboozi lya Katonda era oyanukulire mu kutendereza oba oluyimba.

Ennyimba:

- Waliwo Omusaayi Ogw'amaanyi - #198
- Ka Ntambule Naawe Yesu - #14
- Newaddeyo Gy'oli Yesu - #122
- Mu Lugenda Lwange Lwonna - #155
- Waayo Ekiseera - #134

Special/Ez'enjawulo(Church Hymnal):

- Have Thine Own Way - #567
- Nothing Between - #322
- More To Love Thee - #458

OLUNAKU 6 – OBUVUMU MU MUSANGO NE MU KUSABA

"Yeebazibwe Katonda Kitaawe wa Mukama waffe Yesu Kristo, eyatuwa huli mukisa gwonna ogw'Omwoyo mu bifa eby'omu ggulu mu Kristo: nga bwe yatulondera mu ye ng'ensi tennaba kutondebwa, ffe okubeera abatukuvu abatalina kabi mu maaso ge mu kwagala: bwe yatwawula edda okumufuukira abaana ku bwa Yesu Kristo, nga bwe yasiima olw'okwagala Kwe." – Abaefeeso 1:3-5.

Ekiseera Ky'omusango Etuuse

Obubaka bwa Okubikkulirwa obwa malayika asooka bugamba nti, "ekiseera eky'omusango (gwa Katonda) gwe kituuse" (Okubikkulirwa 14:7). Mu kutangalijja okw'emirembe n'emirembe mwe muva embeera y'omusango entukuvu ey'eggulu etuviirako okusaba ennyo nga tunoonya enkolagana ey'ebuziba ne Katonda. Omusango mu kifo ekitukuvu eky'omu ggulu gwalagibwa mu kifaananyi ky'Olunaku olw'Okutaangirira olwabangawo mu Yisiraeri ow'edda. Mu nkola ey'omu Ndagaano Enkadde, eggwanga lya Yisiraeri lyonna lyakuŋŋaananga okwetoloola awatukuvu, okwatulanga ebibi byabwe wamu n'okunoonyanga okusonyiyibwa. Ekyabaleevi 23:29 wagamba nti, "Kubanga buli bulamu bwonna obutaabonerezebwenga ku lunaku olwo, anaazikirizibwanga mu bantu be." Okubonerezebwanga eri obulamu kyategezanga kwenenya na kwatula, ng'abantu basaba amaanyi ag'okutambulira mu bulamu obutukuvu.

Ekitiibwa kya Katonda kikulu nnyo mu musango gw'eggulu ogukomererayo. Ebibuuzo ebikwatagana n'ekikula Kye bireetebbwa mu maaso g'obwengula. Ddala Katonda mwenkanya? Amateeka Ge gosoboka okukuumibwa? Mwagazi era asala eby'ensonga? Mu musango, Katonda ajja kulaga nga nga bw'akoze kyonna ekisoboka okulaba nga alokola olulyo lw'omuntu. Mpaawo kirala kyonna kye yandiyinzizza kukola. Ekisa Kye kimala ku lwa bonna. Ky'ekisa ekitulokola okuva mu mpeera y'ekibi wamu n'amaanyi gaakyo. Ky'ekisa ekituddiramu olw'ebyayita awamu n'okutuwa embavu wakati mu bugenda mu maaso.

Obwangu obuli mu bubaka obw'ekiseera eky'omusango butuleetera okuba n'enkolagana ey'ebuziba ne Kristo. Tuyayaanira okuwa erinnya Lye ekitiibwa awamu n'okwewala okukola ekintu kyonna ekittatana ekifaananyi Kye. Tetulina kutya musango, kubanga Kristo ye Muwolereza waffe, Omuwaabi waffe, ate Omulamuzi waffe (Yokaana 5:22). Tuli baana ba Kabaka ow'obwengula okuyita mu Kristo, era tuli kitundu ku lulyo olulangira olw'eggulu. Nnabbi Danyeri alaga Yesu mu kifo ekitukuvu eky'omu ggulu ng'alabiseeko mu maaso ga Kitaffe ku lw'omuntu mu musango ogusembayo mu ggulu. Enkumi n'enkumi z'ebitonde eby'eggulu zisembera mu kifo eky'embuga z'amateeka mu kwetegereza olutalo olunene wakati w'obulungi n'obubi nga bwe lufundikira. Erinnya lya Katonda – ekikula Kye – lijja kwolesebwa waggulu eri obwengula bwonna (Danyeri 7:9-14). Kijja kweyoleka mu lwatu nti wa kusaasira

era asala bya nsonga, era nti awaddeyo ekirabo ky'eggulu eky'omuwendo omungi ennyo okuyita mu Yesu.

Okuyita mu mirembe egitaggwaawo, tujja kwogereranga waggulu nti, "Yeebazibwe Katonda Kitaawe wa Mukama waffe Yesu Kristo, eyatuwa huli mukisa gwonna ogw'Omwoyo mu bifa eby'omu ggulu mu Kristo: nga bwe yatulondera mu ye ng'ensi tennaba kutondebwa, ffe okubeera abatukuvu abatalina kabi mu maaso ge mu kwagala: bwe yatwawula edda okumufuukira abaana ku bwa Yesu Kristo, nga bwe yasiima olw'okwagala kwe, ekitiibwa ky'ekisa kye kiryoke kitenderezebweaga, kye yatuwa obuwa mu oyo omwagalwa" (Abaefeeso 1:3-6).

Mu budde bwaffe obw'okusaba kwa leero, ka twekenneenye emitima gyaffe era tusabe Katonda atubikkulire ensonga yonna etakwatagana ne by'ayagala. Ka tumusabe atulongooseemu ebibi eby'enkiso n'okumwebaza olw'ekisa Kye, okusonyiwa Kwe, n'amaanyi Ge agawanguza. Ekisinga mu byonna, ka tumwebaze olwa Yesu.

Ekiseera eky'Okusaba (Eddakika 30 – 45)

Okusabira Mu Kigambo Kya Katonda – Okubikkulirwa 14:7

"Mutye Katonda, mumuwe ekitiibwa; kubanga ekiseera eky'omusango gwe kituuse."

"Mutye Katonda"

Ai Katonda, tukusinza Ggwe. Osaanidde obuyinza bwonna n'ekitiibwa. Ggwe omusukkulumu ow'Eggulu, Katonda eyakola byonna, Ggwe abeerawo emirembe gyonna – otuleetera okusamaalirira ku Lulwo. Mpaawo kiyinza kukumaamira.

"Mumuwe Ekitiibwa"

Ai Katonda, kirungi nnyo okukifumiitirizaako nti wandyagadde okutwebikkulira, okutulaga ekikula Kyo eky'okwagala okuyita mu nze. Nkusaba onzijuze Omwoyo Omutukuvu wamu n'okunsobozesa okuggyayo obulungi ekitiibwa ekikugwanidde. Beera mu nze, era okolere mu nze, ompe n'obuwanguzi ku kibi. Nkusaba ompe amaanyi okutambulira mu ebyo by'oyagala.

"Ekiseera Ky'omusango Gwe Kituuse"

Ai Yesu, webale nnyo olw'omusango. Webale nnyo olw'ensonga nti omusango guliwo ku lwaffe era nti ojja kukomyaawo obwenkanya eri obwengula buno. Webale okubeera Omuwolereza waffe, Kabona waffe Omukulu, era nga obutuukirivu Bwo butuwa obukakafu bwe twetaaga okuyimirira nga tuli basanyufu gy'oli. Tujjukizenga ku bwangu bw'ebiseera bye tulimu era otuyambe okuleeta abantu bangi nga bwe kisoboka beefunire obununuzi obw'emirembe egitaggwaawo okuyita mu Ggwe.

Ebirowoozo Ebirala Eby'okusaba

Okwebaza n'Okutendereza: Mwebaze olw'emikisa egy'obwebange era mutendereze Katonda olw'obulungi Bwe.

Okwatula: Waayo eddakiika ntonotono ol'okwatula okw'obuntu era webaze Katonda olw'okusonyiwa Kwe.

Okulambikibwa: Saba Katonda okukuwa amagezi ag'okuyita mu kusoomoozebwa n'okusalawo ku bigenda mu maaso.

Ekkanisa yaffe: Sabira ebyetaaga by'ekkanisa eby'ebbendobendo n'eby'ensi yonna.

Eby'okusabira: Sabira ebyetaago by'abakkiriza abali mu kkanisa, mu maka, ne baliraanwa.

Wuliriza era Oyanukule: Waayo ekiseera okuwuliriza eddoboozi lya Katonda era oyanukulire mu kutendereza oba oluyimba.

Ennyimba:

- Ffe Abaagala Yesu - #70
- Bwe Nfuna Eddembe - #127
- Mukama Omulokozi - #226

Special/Ez'enjawulo(Church Hymnal):

- Standing on the Promises - #518
- I Will Sing of My Redeemer - #343
- Redeemed - #338
- Faith Is the Victory - #608
- Day of Judgment, Day of Wonders- #418

OLUNAKU 7 – OBUBAKA BWA BAMALAYIKA ABASATU, SSABBIITI, N'OKUSABA

"*Abo be ndiwa ekijjukizo n'erinnya erisinga ery'abaana ab'obulenzi n'ab'obuwala mu nnyumba ne munda w'ebisenge byange; ndibawa erinnya eritaliggwaawo eritaliggibwawo. Era ne bannaggwanga abeegatta ne Mukama, okumuweerezanga, n'okwagalanga erinnya lya Mukama, okuba abaddu be, buli muntu akwata ssabbiiti obutagyonoona, n'anyweza endagaano yange; abo ndibatuusa ku lusozi lwange olutukuvu, ne mbasanyusa mu nnyumba yange ey'okusabirangamu; ebyabwe ebiweebwayo ebyokebwa ne ssaddaaka zaabwe birikkirizibwa ku kyoto kyange: kubanga ennyumba yange eneeyitibwanga nnyumba ya kusabirangamu eri amawanga gonna*" – Isaaya 56:5-7.

Okutondebwa olw'Ekigendererwa

Ekinyusi ekiri mu bubaka obwa bamalayika abasatu kwe kukowoolebwa okusinza Omutonzi waffe. Tetuliiwo wano mu ngeri ey'akabenje. Katonda y'eyatutonda, era obulamu kirabo eky'omuwendo ennyo okuva eri Yesu. Omutume Yokaana agamba bw'ati: "Osaanidde ggwe, Mukama waffe, Katonda waffe, okuweebwanga ekitiibwa n'ettendo n'obuyinza: kubanga ggwe wabitonda byonna, era byabaawo lwa kusiima kwo, era byatondebwa" (Okubikkulirwa 4:11). Kinyuma nnyo okukirowoozaako nti tubeera balamu okuyita mu ebyo Katonda by'ayagala. Ssabbiiti etujjukiza nti twatondebwa olw'ekigendererwa. Etuzzaayo mu maka gaffe ag'omu lusuku Edeni n'okutujjukiza ku Mutonzi waffe omwagazi alafuubana okulaba nga obulamu butambula bulungi. Wakati mu nsi ey'okubonaabona, okulwala, n'obukosefu, Katonda ow'obutonzi asigala atusuubiza obutatulekerera (Abaebbulaniya 13:5). Obukakafu buno bwokka butumala okukkakana ku maviivi mu kutendereza eri Katonda olw'ekirabo eky'obulamu awamu n'okuzuula enteekateeka ez'obwebange z'alina ku lw'obulamu bwaffe.

Ssabbiiti – Okukowoolebwa Eri Okusaba, Okutendereza,wamu n'Okubuulira

Ssabbiiti era etujjukiza ku kirabo eky'obulokozi. Nga tuwummula ku Ssabbiiti,tubeera tuwummulira mu mulimu gwa Kristo gwe yamaliriza ku lwaffe (Abaebbulaniya 4:9, 10). Ssabbiiti ssi tteeka ery'obuwaze eryaweebwa eri eggwanga lya Yisiraeri, wabula lwe lunaku olujjudde ekisa eri abantu bonna nga lutuyamba okwesigamira ddala ku Kristo olw'obununuzi bwaffe (Isaaya 56:6,7). Yesu yafundikira eddima-nsi y'obutonzi ng'akozesa ebigambo bino, "Ne biggwa okukola eggulu n'ensi n'eggye lyabyo lyonna. Katonda n'amalira ku lunaku olw'omusanvu mu mirimu gye gye yakola; n'awummulira ku lunaku olw'omusanvu mu mirimu gye gyonna gye yakola" (Lubereberye 2:1, 2). Era ne ku musaalaba yafundikira omulimu Gwe ng'agamba nti, "Kiwedde." Teri na kimu kye twassaamu mu mulimu gw'obutonzi bwa Kristo ku

lubereberye, kubanga y'eyagwetandikira era n'agufundikira. Mu ngeri y'emu, tetulina kye twakola mu mulimu gwa Kristo ogw'obununuzi ku musaalaba. kubanga y'eyetandikira omulimu ogw'obulokozi, era n'agumaliriza. Ssabbiiti etujjukiza okujaguliza mu kwagala Kwe, okuwummulira mu kufaayo Kwe, n'okusanyukira mu Kristo eyawaayo omuwendo omungi ku lw'obulokozi bwaffe. Ssabbiiti etukoowoola okusaba, okutendereza, awamu n'okubunyisa obulungi Bwe.

Ssabbiiti era eyongera okutujjukiza nti tetuli fekka mu nsi ejjudde amatongo g'okunyolwa. Endabika ennungi ey'obutonda esigala ekyayogera gyetuli ku Katonda waffe wakati mu nsi efumbekeddemu okubonaabona. Ssabbiiti etusongera emabega ku butonzi, beppoa n'okutusongera mu maaso ku nsi empya n'eggulu eriggya, Katonda gy'ajja okuddamu okutondera ensi eno mu bulungi bwa Edeni nate.

Olunaku lwa Ssabbiiti lubeera lwa kuwaayo kwebaza. Tulina okwebaza eri Katonda olw'okututonda awamu n'okubeera n'enteekateeka eri obulamu bwaffe. Tulina okwebaza olw'okutununula awamu n'okutusasulira omuwendo ogutenkanika. Tulina okwebaza olw'okubanga akomawo nate okutunona era ng'ajja kutonda eggulu erijja n'ensi empya. Ka tumunoonye n'emitima egy'okwebaza nga tusaba.

Ekiseera eky'Okusaba (Eddakiika 30 – 45)

Okusabira Mu Kigambo Kya Katonda – Isaaya 56:5-7

"Abo be ndiwa ekijjukizo n'erinnya erisinga ery'abaana ab'obulenzi n'ab'obuwala mu nnyumba ne munda w'ebisenge byange; ndibawa erinnya eritaliggwaawo eritaliggibwawo. Era ne bannaggwanga abeegatta ne Mukama, okumuweerezanga, n'okwagalanga erinnya lya Mukama, okuba abaddu be, buli muntu akwata ssabbiiti obutagyonoona, n'anyweza endagaano yange; abo ndibatuusa ku lusozi lwange olutukuvu, ne mbasanyusa mu nnyumba yange ey'okusabirangamu; ebyabwe ebiweebwayo ebyokebwa ne ssaddaaka zaabwe birikkirizibwa ku kyoto kyange: kubanga ennyumba yange eneeyitibwanga nnyumba ya kusabirangamu eri amawanga gonna."

"Abo"

Ai Katonda, Ggwe watonda fenna. Wayagala tubeerewo era otwagaliza okutabagana okw'emirembe n'emirembe. Yee, oyayaanira obulokozi obwa buli muntu, buli ggwanga, buli kika na buli kibinja ky'abantu. Tukutendereza! Webale nnyo olwa Ssabbiiti eya buli ddima-nsi etujjukiza ku nsonga eno.

"Buli Muntu Akwata Ssabbiiti Obutagyonoona"

Ai Mukama, nga tumenye nnyo Ssabbiiti oba obutagikuuma nga ntukuvu! Tukusaba otusonyiwe. Tukwegayirira okutuyamba okukuuma obulungi essaawa za Ssabbiiti awamu n'okukugulumiza okuyita mu Ssabbiiti. Zibula amaaso gaffe era oggule amaatu gaffe okusobola

okumanya n'okukola by'oyagala bulijjo, olwo nno tulyoke tujaganye n'okujulira obwesige Bwo okuyita mu ddima-nsi ya Ssabbiiti.

"N'anyweza Endagaano Yange"

Ai Yesu, webale nnyo olwa Ssabbiiti okubeera nti tekoma kuba kabonero na mukisa ogw'okukujjukira nga Omutonzi kyokka, wabula n'okubeera akabonero ak'obulokozi. Webale nnyo olw'okubanga tusobola okuwummulira mu bukakafu obw'obutuukirivu Bwo, obutubuutikira awamu n'okutujjuza nga tunywerera ku bisuubizo eby'endagaano Yo. Tusaba enkuuma yaffe eya Ssabbiiti ebeere ekifaananyi eky'embeera eya bulijjo ekyoleka obwesige Bwo gyetuli.

Ebirowoozo Ebirala Eby'okusaba

Okwebaza n'Okutendereza: Mwebaze olw'emikisa egy'obwebange era mutendereze Katonda olw'obulungi Bwe.

Okwatula: Waayo eddakiika ntonotono ol'okwatula okw'obuntu era webaze Katonda olw'okusonyiwa Kwe.

Okulambikibwa: Saba Katonda okukuwa amagezi ag'okuyita mu kusoomoozebwa n'okusalawo ku bigenda mu maaso.

Ekkanisa yaffe: Sabira ebyetaaga by'ekkanisa eby'ebbendobendo n'eby'ensi yonna.

Eby'okusabira: Sabira ebyetaago by'abakkiriza abali mu kkanisa, mu maka, ne baliraanwa.

Wuliriza era Oyanukule: Waayo ekiseera okuwuliriza eddoboozi lya Katonda era oyanukulire mu kutendereza oba oluyimba.

Ennyimba:

- Jjukira Olunaku - #84
- Olunaku Olw'essanyu - #82
- Yesu Ggwe Eyanjagala - #30
- Nnyigiriza Okutuuka - #218
- Kya Ssanyu Omutambuze - #159
- Ffe Abaagala Yesu - #70

Special/Ez'enjawulo(Church Hymnal):

- Crowning Jewel of Creation - #385
- Wonderful Words of Life - #286

OLUNAKU 8 – OKUGWA KWA BABULOONI N'OKUSABA

"*Oluvannyuma lw'ebyo ne ndaba malayika omulala ng'akka okuva mu ggulu, ng'alina obuyinza bungi; n'ensi n'emulisibwa ekitiibwa kye. N'ayogerera waggulu n'eddoboozi ery'amaanyi, ng'ayogera nti Kigudde, kigudde Babulooni ekinene, ne kifuuka ekisulo kya balubaale, n'ekkomera erya buli dayimooni, n'ekkomera erya buli nnyonyi embi ekyayibwa*" (Okubikkulirwa 18:1, 2).

Obubaka Bwa Malayika Ow'okubiri

Obubaka bwa bamalayika abasatu obuli mu Okubikkulirwa 14 bwategekebwa nga bwa kuteekateeka abantu olw'okujja kwa Yesu. Bubikkula enteekateeka za Katonda awamu n'okwanjuluza enteekateeka za Setaani. Obubaka bwa malayika ow'okubiri buwa okulabula okw'obwesimbu nti: "Kigudde kigudde Babulooni ekinene ekyanywesa amawanga gonna ku mwenge gw'obusungu bw'obwenzi bwakyo" (Okubikkulirwa 18:4). Nga Babulooni ow'edda bwe yalwanyisa Katonda ng'asimbira ebiragiro Bye nakakongo, ne Babulooni ow'omwoyo naye bwatyo bwe yewaggula ku Katonda. Atambuza "ekikompe ky'omwenge" gwe ekirimu enjigiriza enkyaamu olw'okulimba nnamungi w'abantu. Ellen annyonyola bw'ati ku Babulooni: "Ekibi eky'amaanyi ekivunaanyisa Babulooni ky'eky'okunyweesa amawanga gonna ku mwenge gw'obusungu bw'obwenzi bwe. Ekikompe kino eky'omwenge ky'atuusa eri ensi kiyimiriddewo olw'enjigiriza enkyamu z'akkiriza nga ebibala eby'enkolagana embi eri wakati we n'aba'amaanyi abali ku nsi. Omukwano n'ensi guleetera okukkiriza kwe okwonooneka, era lwaddaaki n'akozesa obuyinza bwe ku nsi ng'asomoesa enjigiriza ezikontana n'ebigambo ebirambulukufu eby'Ebyawandiikibwa Ebitukuvu" (*The Great Controversy*, pg. 388). Obwenzi y'enkwatagana ey'obumenyi bw'amateeka. Babulooni ow'omwoyo akuba omwagalwa we Yesu omugongo, bw'atyo ne yegatta ku bufuzi oba enfuga y'amawanga.

Enkwatagana y'ekkanisa n'obufuzi ennyonyolwa bulungi mu Okubikkulirwa 17, nga ereetawo okuteekesa akabonero k'ensolo nkola. Babulooni akiikirira enkola ey'eddiini egotaanya Ebyawandiikibwa awamu n'okutambulira ku njigiriza ez'abantu. Obubaka bwa malayika ow'okubiri, nga bugattiddwa ku bunnabbi obuli mu Okubikkulirwa 17 ne 18, butuggirayo ekigenda okutuuka ku nsi eno mu ngeri ey'ekyewuunyo. Amadiini gonna ga kyewaggula gagenda kwegattira wamu n'amaanyi ag'obufuzi n'obusuubuzi okuleetawo obwegaffu wakati mu kiseera ky'ensi eky'akatyabaga n'ensasagge.

Obubaka bwa malayika ow'okubiri bukubiriza okusaba mu ngeri za mirundi esatu. Engeri esooka, tukubirizibwa okubeera abeesigwa eri Kristo n'Ekigambo Kye. Okwekkiriranya mu bulamu bwaffe obw'obuntu kujja kutuviiramu okwegatta ne Babulooni n'okulwanyisa abantu ba Katonda mu biseera ebikomererayo eby'ebyafaayo by'Ensi.

Engeri ey'okubiri, mwe tukubirizibwa okubeera n'okukkiriza okusobola okunywera wakati mu kugezesebwa. Nnabbi wa Katonda atukoowoola ng'agamba nti, "Omuyaga gujja, ate nga gwa maanyi. Tuli beetegefu okugweŋŋanga? Tetulina kugamba nti, obusandali obw'ennaku ez'oluvannyuma bunaatera okutujjira. Bwatujjira dda. Kye twetaaga kaakano ky'ekitala kya Mukama ekisobola okusalira ddala emmeeme n'obusomyo obw'okuwankawanka, eddoowo, n'okuyayaana okw'omubiri. Ebirowoozo byonna ebinafuyiziddwa ennyo byetaaga okukyuuka. … Ebirowoozo biteekeddwa okujjuzibwaamu Katonda" (*With God at Dawn*, pg. 113).

Engeri ey'okusatu mu bubaka buno mwe tukubirizibwa okuyita mikwano gyaffe okubeera mu nkolagana ey'ebuziba ne Yesu wamu n'okutegeera amazima g'ekiseera kino nga bwegali mu Okubikkulirwa. Nga tufukamira okusaba, ka tusabire ensonga zino;

1. Okutegeera obulungi Ekigambo kya Katonda, okwagala ennyo Yesu, n'omwoyo ogutekkiriranya.
2. Okukkiriza okutawunjawunja wakati mu kugezesebwa.
3. Obuvumu obw'okubuulira abo abatwetoolodde.

Ekiseera eky'Okusaba (Eddakiika 30 - 45)

Okusabira Mu Kigambo Kya Katonda

"Kigudde kigudde Babulooni ekinene ekyanywesa amawanga gonna ku mwenge gw'obusungu bw'obwenzi bwakyo"

"Kigudde Babulooni"

Kitaffe ataggwaawo, mpaawo kirala kyonna mu nsi muno ekisobola okwesigibwa nga omusingi omugumu nga oggyeeko Ekigambo Kyo Ekitukuvu. Tukusaba otuyambe okuzimbira obulamu bwaffe ku Kigambo Kyo kyokka okuyita olw'ekisa Kyo, n'okuyita mu Mwoyo Wo.

"Ekyanywesa Amawanga Gonna ku Mwenge"

Ai Katonda, tuli ba mukisa okukumanya n'okutegeera amazima okuyita mu Kigambo Kyo, wamu n'okumanya obuvunaanyizibwa bwaffe olw'ensonga eyo. Olwa leero tuwaayo okusaba eri obwesedde bw'abantu abasibiddwa mu madiini ag'obulimba. Tukusaba otuyambe okubalaga amazima agakwaata ku Ggwe n'engeri gy'obaagalamu, beppo n'okubaagaliza okutuuka mu bujjuvu obw'amazima.

"Omwenge Gw'obusungu Bw'obwenzi Bwakyo"

Ai Yesu, kituufu nti emirundi mingi tusiikirizibwa ebitaliimu n'ebikemo bya Setaani. Oluusi tulekera naawo okukutunuulira ne tudda ku mbeera ez'okwerowoozaako. Tukusaba otusonyiwe. Tuyambe otulokole okuva mu kuwangulibwa obuzaaliranwa bwaffe, n'okututeeka mu buwanguzi Ggwe wekka bw'ogaba.

Ebirowoozo Ebirala Eby'okusaba

Okwebaza n'Okutendereza: Mwebaze olw'emikisa egy'obwebange era mutendereze Katonda olw'obulungi Bwe.

Okwatula: Waayo eddakiika ntonotono ol'okwatula okw'obuntu era webaze Katonda olw'okusonyiwa Kwe.

Okulambikibwa: Saba Katonda okukuwa amagezi ag'okuyita mu kusoomoozebwa n'okusalawo ku bigenda mu maaso.

Ekkanisa yaffe: Sabira ebyetaaga by'ekkanisa eby'ebbendobendo n'eby'ensi yonna.

Eby'okusabira: Sabira ebyetaago by'abakkiriza abali mu kkanisa, mu maka, ne baliraanwa.

Wuliriza era Oyanukule: Waayo ekiseera okuwuliriza eddoboozi lya Katonda era oyanukulire mu kutendereza oba oluyimba.

Ennyimba:

- Tetumanyi Ssaawa - #173
- Yesu Ayita N'ekisa Ekingi - #103
- Tompitako Omulokozi - #22
- Kale Eggye Lya Yesu - #65
- Yita Abalwanyi - #248

Special/Ez'enjawulo (Church Hymnal):

- Let Your Heart Be Broken - #575
- Once To Every Man And Nation #606
- Turn Your Eyes Upon Jesus - #290

OLUNAKU 9 – AKABONERO K'ENSOLO N'OKUSABA

"Oluvannyuma lw'ebyo ne mpulira ng'eddoboozi eddene ery'ekibiina ekinene mu ggulu, nga boogera nti Aleruuya; Obulokovu; n'ekitiibwa, n'obuyinza bye bya Katonda waffe: kubanga emisango gye gya mazima era gya nsonga; kubanga asa.lidde omusango omwenzi omukulu, eyayonoona ensi n'obwenzi bwe, era awooledde eggwanga ly'omusaayi gw'abaddu be mu mukono gw'oyo. Omulundi ogw'okubiri ne boogera nti Aleruuya. N'omukka gwe gunyooka emirembe n'emirembe. N'abakadde amakumi abiri mu bana n'ebiramu ebina ne bavuunama ne basinza Katonda atuula ku ntebe, nga boogera nti Amiina; Aleruuya. N'eddoboozi ne liva mu ntebe, nga lyogera nti Mutendereze Katonda waffe, mmwe mwenna abaddu be, abamutya, abato n'abakulu" (Okubikkulirwa 19:1-5).

Okulabula Okw'amaanyi

Obubaka obusembayo era obwa malayika ow'okusatu bwe bumu ku obwo obusinga okulabula mu Bayibuli. Abantu abasinga obungi baagala nnyo okubuyisaako amaaso, kyokka nga buggyayo amazima agakyuusa nga gatuukana n'obwetaavu bwaffe obw'ebuziba n'okutusembeza awali Yesu. Omutume Yokaana yawandiika bw'ati: "Ne malayika omulala ow'okusaru n'abagoberera, ng'ayogera n'eddoboozi ddene nti Omuntu yenna bw'asinza ensolo n'ekifaananyi kyayo, era bw'akkiriza enkovu ku kyenyi kye, oba ku mukono gwe, oyo naye alinywa ku mwenge ogw'obusungu bwa Katonda, ogufukibwa ogutatabulwamu mazzi mu kikompe eky'obusungu bwe; era alibonyaabonyezebwa mu muliro n'ekibiriiti mu maaso ga bamalayika abatukuvu ne mu maaso g'Omwana gw'endiga" (Okubikkulirwa 14:9, 10).

Ensonga esooka nga ekyuusa obulamu mu kulabula kuno eri ku nsibuko yaayo okuva mu mutima gwa Katonda omwagalwa eyettanira ennyo okutulokolera obwakababaka Bwe okukira ekirala kyonna. Buno bubaka butukuvu obulabula abantu ba Katonda obutazinduukirizibwa n'obulimba obugenda okujja.

Ensonga ey'okubiri ekwatagana na bya kusinza. Malayika agamba nti, "Omuntu yenna bw'asinza ensolo." Buno obubaka bukontanira ddala butereevu n'obwa malayika asooka mu lunyiriri 7 obw'okusinza Omutonzi. Okusinza Omutonzi kireetera abagoberezi ba Kristo abeesigwa okwanukulira okwagala Kwe, okwesiga ekisa Kye ekirokola, okubeera abawulize eri Ekigambo Kye, n'okukuuma amateeka Ge. Okusinza ensolo kuleetera abantu okutambulira mu bulamu obw'okwerowoozaako nga bwesulubabba Katonda okuyita mu kujeemera ebiragiro Bye. Kubeera kuteeka essira ku muntu mu kifo kya Yesu.

Ensolo Eri Munda Yaffe

Obubaka buno obwa malayika ow'okusatu bwogera ku kiseera eky'omu maaso ekkanisa n'obufuzi lwe bijja okwegatta wansi w'obuyinza bw'obwa paapa okulaba nga wabeerawo okusinza ku lunaku olusooka mu ddima-nsi. Obubaka obusembayo obwa bamalayika abasatu bwa kutukowoola okusaba okuviira ddala mu mutima n'obunyiikivu. Ennono y'omulabe wa Kristo – ey'amalala okukira eggonjebwa, okwegulumiza okukira okwegaanyisa ku lw'obulungi bw'abalala, n'okuteeka obwesigwa mu magezi g'abantu okusinga obuluŋŋamu obw'Ebyawandiikibwa – esimbidde ddala mu buzaaliranwa bwaffe obwagwa. Ddagala ki erivumula ennono ez'ensolo eziri mu ffe? Waliwo eddagala limu lyokka, era lya yesu – ekisa Kye, amaanyi Ge, okwagala Kwe okujjula mu mitima gyaffe ne mu bulamu bwaffe. Okuggyako nga okwewaayo kwaffe gy'ali kwa maanyi nnyo okusinga eby'ensi ebitusika, tujja kufugibwa ennono z'ensolo leero era luliba olwo ne tukkiriza akabonero k'ensolo. Okulabula okukwata ku kabonero k'ensolo okuli mu bubaka obwa bamalayika abasatu kulina okutuleetera okufukamira ku maviivi gaffe mu kwewaayo okw'obuwombeefu eri Kristo, okumwegayirira okutuwa Omwoyo We atulongoose bulungi okuva munda yaffe, n'okukola omulimu ogw'ekyamagero ogw'ekisa ekitukuvu mu mitima gyaffe. Era obubaka bulina okutukulemberamu okusabira amaka gaffe, emikwano, ne baliraanwa, nabo basobole okubeera n'emitima emyanjulukufu eri obubaka bwa Kristo obulokola mu biseera ebikomererayo. Obubaka buno bulina okutuzzaamu amaanyi okusobola okwerinda olunaku lwe tujja okujaguza wamu ne Kristo nga twebulunguludde nnamulondo Ye emirembe n'emirembe (Okubikkulirwa 19:1-5).

Ekiseera eky'Okusaba (Eddakiika 30 – 45)

Okusabira Mu Kigambo Kya Katonda – Okubikkulirwa 14:9, 10

"Ne malayika omulala ow'okusatu n'abagoberera, ng'ayogera n'eddoboozi ddene nti Omuntu yenna bw'asinza ensolo n'ekifaananyi kyayo, era bw'akkiriza enkovu ku kyenyi kye, oba ku mukono gwe, oyo naye alinywa ku mwenge ogw'obusungu bwa Katonda, ogufukibwa ogutatabulwamu mazzi mu kikompe eky'obusungu bwe; era alibonyaabonyezebwa mu muliro n'ekibiriiti mu maaso ga bamalayika abatukuvu ne mu maaso g'Omwana gw'endiga."

"Omuntu yenna bw'asinza ensolo n'ekifaananyi kyayo"

Ai Katonda, oli Katonda afaayo, Katonda ayagaliza bonna okulokolebwa sso ssi kubula. Abantu bangi banoonya amadiini ag'obulimba, endowooza enkyamu, n'ebifaananyi eby'ennaku zino nga ensulo yaabwe ey'amaanyi n'okutuukirira kw'obumenyefu obuli mu bulamu bwabwe. Tukwebaza olw'okufaayo ekimala n'obalabula, era nga kisoboka naffe okubeerako ne kye tukola mu kubakulembera okubatuusa eri Yesu nga Omulokozi yekka agwanidde okusinzibwa.

“Obusungu bwa Katonda”

Ai Katonda, kituwa obugumu nti olina obusungu obutukuvu eri ekibi, obwonoonefu, wamu n’obugwenyufu. Webale nnyo olw’okwagala okusaanyizaawo ddala ekibi wamu n’okuluubirira okuzzaawo okwagala, emirembe, n’enkwatagana ebituukiridde mu bwengula gye bujja. Webale nnyo olw’okukiraga okuyita mu Yesu nti osinga kwagala kulokola sso ssi kusalira bantu musango. Webale nnyo olw’okuwa buli muntu omukisa ogw’okweronderawo okwaniriza obulokozi obuli mu Kristo. Tukwegayirira otulokole awamu n’okutukiingiriza okugoberera ennono z’omulabe wa Kristo, nga mwemuli okwegulumiza wamu n’amalala. Wabula otuyambe okugoberera Omwana Gw’endiga buli wamu gy’anagendanga.

“Mu Maaso g'Omwana gw'Endiga”

Ai Yesu, kituwa obugumu obw’amaanyi okumanya nti mu kusala omusango okusembayo kijja kweyoleka mu lwatu nti ekirabo Kyo eky’ekisa n’obulokozi by’ali tebyawukanyizibwa na bwenkanya. Webale nnyo olw’okubonerezebwa ku lwa bonna abewaayo gy’oli ku bubwo. Webale nnyo olw’okuba nti ne bwe kinaazibuwala kitya okubuulira ku kuzikirizibwa kw’abo abalondawo okwenywereza ku kibi, buli omu ajja kwatula nti obadde mwenkanya, mwerufu, era wa kisa mu nkola Zo zonna.

Ebirowoozo Ebirala Eby’okusaba

Okwebaza n’Okutendereza: Mwebaze olw’emikisa egy’obwebange era mutendereze Katonda olw’obulungi Bwe.

Okwatula: Waayo eddakiika ntonotono ol’okwatula okw’obuntu era webaze Katonda olw’okusonyiwa Kwe.

Okulambikibwa: Saba Katonda okukuwa amagezi ag’okuyita mu kusoomoozebwa n’okusalawo ku bigenda mu maaso.

Ekkanisa yaffe: Sabira ebyetaaga by’ekkanisa eby’ebbendobendo n’eby’ensi yonna.

Eby’okusabira: Sabira ebyetaago by’abakkiriza abali mu kkanisa, mu maka, ne baliraanwa.

Wuliriza era Oyanukule: Waayo ekiseera okuwuliriza eddoboozi lya Katonda era oyanukulire mu kutendereza oba oluyimba.

Ennyimba:

- Obuyinza Bwo Bungi Nnyo - #38
- Ka Tumusinze Mukama Waffe - #5
- Tusinza Nnyo Erinnya Lye - #4

- Nsinziira Ku Yoludaani - #178
- Abatukuvu Mulabe - #160

Special/Ez'enjawulo (Church Hymnal):

- All That Thrills My Soul - #189
- Soldiers Of Christ Arise - #616
- O Brother, Be Faithful - #602

OLUNAKU 10 – ABANTU BA KATONDA, ABAASIGALAWO, N'OKUSABA

"*Awo we wali okugumiikiriza kw'abatukuvu, abakwata ebiragiro bya Katonda n'okukkiriza kwa Yesu*" (Okubikkulirwa 14:12).

Ekiruubirirwa Ekisembayo

Obubaka bwa bamalayika abasatu bulina omulamwa gumu omukulu kwe busiimba essira: kwe kuteekateeka abantu olw'okukomawo kwa Yesu. Obubaka buno obutukuvu butuuka ku ntikko yaabwo mu Okubikkulirwa 14:12, nga Yokaana annyonyola ebiva mu kutegeerera ddala n'okukkiriza obubaka bw'eggulu obw'ebiseera eby'enkomerero. Omutume agamba nti obubaka buno bujja kuleetawo abantu abasobola okuwandiikibwaako nti, "Awo we wali okugumiikiriza kw'abatukuvu, abakwata ebiragiro bya Katonda n'okukkiriza kwa Yesu" (Okubikkulirwa 14:12).

Okukkiriza Kwa Yesu

Waliwo ensonga endala esanyusa mu Okubikkulirwa 14:12. Abakkiriza bano ab'omu biseera eby'enkomerero tebakoma ku kubeera na kukkiriza *mu* Yesu, wabula balina n'okukkiriza *okwa* Yesu. Okukkiriza kwa Yesu kulina omutindo gwe gumu n'okukkiriza Yesu kwe yalina mu Katonda ng'ali ku musaalaba. Yesu bweyali ng'alengejjera ku musaalaba olw'okwetikka omusango, obuswaavu, n'okunenyezebwa olw'ebibi by'olulyo lw'omuntu, yawulira ng'alekeddwaawo Katonda. Obuzito bw'ekibi bw'ali bw'amaanyi nnyo kubanga bwaleetera ne Yesu okuwulira nga Katonda gw'aleseewo. Eno y'ensonga lwaki yakaaba mu bulumi nti, "Katonda wange, Katonda wange, kiki ekikundesezza?" (Matayo 27:46). Katonda ddala yali amuleseewo? Ssi kituufu! Amaaso g'obuzadde gaali ku musaalaba obudde bwonna. Omutima Gwe ogw'okwagla gwamenyeka olw'obulumi Omwana We bweyali ayitamu. Yesu yasigala amwesiga ne wakati mu mbeera eno. Okukkiriza Kwe kwasukkirira ku ebyo eby'ali bigenda mu maaso ku bulamu Bwe. Eno y'ensonga lwaki ebigambo Bye ebyasembayo by'ali nti, "Awo Yesu n'ayogera n'eddoboozi ddene, n'agamba nti Kitange, nteeka omwoyo gwange mu mikono gyo" (Lukka 24:46).

Nga Yesu anaatera okukomawo, okusinziira ku bunnabbi bwa Okubikkulirwa, abantu ba Katonda kijja kubeetaagisa okumwesiga nga ebintu byonna birabika nga ebibeefuulidde. Kale kiki ekiribayisa mu mbeera eno ey'okugezesa? Kwe "kukkiriza kwa Yesu." Okukkiriza kuno okwa Yesu kufunibwa mu ngeri ki? Ekisooka, nga obulokozi bwekiri ekirabo, n'okukkiriza nakwo kirabo Katonda kw'ateeka munda mu mitima gyaffe nga kukula okuyita mu kuteekebwa mu nkola (Abaluumi 10:17). Bwe tukimanya nti tetulina kukkiriza ne tunyiikira okusaba Katonda atwongere ku kukkiriza kwaffe, lwaddaaki kukula (Lukka 17:5).

Mu kusaba kwaffe okwa leero, ka tusabe Katonda atuwe okugumira byonna nga twambalagana n'ebigezo by'obulamu. Ka tumusabe atuwe amaanyi ag'okubeera abawulize eri by'ayagala mu buli nsonda ey'obulamu bwaffe, era twegayirire Eggulu okutugonnomolako okweyongera mu kukkiriza, na bwekityo "okukkiriza kwa Yesu" kujjule mu bulamu bwaffe kusobole okututeekerateekera akavuvuŋŋano k'Ensi akakomererayo. Luliba olwo ne tubeera wamu ne Yesu emirembe egitaliggwaawo!

Ekiseera eky'Okyusaba (Eddakiika 30 – 45)

Okusabira Mu Kigambo Kya Katonda – Okubikkulirwa 14:12

"Awo we wali okugumiikiriza kw'abatukuvu, abakwata ebiragiro bya Katonda n'okukkiriza kwa Yesu."

"Awo We Wali Okugumiikiriza Kw'abatukuvu"

Ai Mukama, tulindiridde ebbanga ggwanvu olw'okudda Kwo. Era tukimanyi nti ebiseera biri mu mikono Gyo era nga omanyi ekisinga obulungi gyetuli. Webale nnyo olw'ensonga nti Omwoyo Omutukuvu ng'ali mu ffe, ajja kuleetamu okugumiikiriza n'okugumira embeera. Tuyambe otulage engeri ennungi gye tusobola okukozesaamu ebiseera olw'okukuweesa ekitiibwa. Bwe tusisinkana ebigezo n'okunyigirizibwa, tujja kugumira mu kumanya nti Ggwe atuwa amaanyi n'obugumiikiriza obutukuvu.

"Anakwata Ebiragiro"

By'oyagala, ai Katonda, kwe kwagala. Okukwagala awamu n'okwagala abalala. Okwagala nga bwe kulabikira mu Kigambo kya Katonda ne mu bulamu bwa Yesu. Njaguliza mu bukakafu nti osobola era oyagala okukyuusa emitima gyaffe egy'okwewaggula gifuulibwe egyo egitambulira awamu n'etteeka ekkulu ery'okwagala.

"Okukkiriza Kwa Yesu"

Ai Katonda, okukkiriza n'obwesigwa Yesu bye yayolesa ku nsi kuno byewuunyisa, naddala bweyali ng'afa ku musaalaba. Wadde nga obwesige Bwe mu Kitaffe bw'ali kyakulabirako gyetuli, tabwesigaliza wabula abugabira abantu bonna abakkiriza emikisa egy'okufuna omutindo gwe gumu ogw'okukkiriza. Ai Yesu, bambi tukusaba okuze okukkiriza kwaffe buli lunaku oluyitawo. Twewaayo gy'oli, Omulokozi waffe omwesigwa era ow'omuwendo.

Ebirowoozo Ebirala Eby'okusaba

Okwebaza n'Okutendereza: Mwebaze olw'emikisa egy'obwebange era mutendereze Katonda olw'obulungi Bwe.

Okwatula: Waayo eddakiika ntonotono ol'okwatula okw'obuntu era webaze Katonda olw'okusonyiwa Kwe.

Okulambikibwa: Saba Katonda okukuwa amagezi ag'okuyita mu kusoomoozebwa n'okusalawo ku bigenda mu maaso.

Ekkanisa yaffe: Sabira ebyetaaga by'ekkanisa eby'ebbendobendo n'eby'ensi yonna.

Eby'okusabira: Sabira ebyetaago by'abakkiriza abali mu kkanisa, mu maka, ne baliraanwa.

Wuliriza era Oyanukule: Waayo ekiseera okuwuliriza eddoboozi lya Katonda era oyanukulire mu kutendereza oba oluyimba.

Ennyimba:

- Omusingi Gwaffe Munyweevu - #75
- Ekisa Ekyandokola - #239
- Aweebwe Ekitiibwa - #3

Special/Ez'enjawulo (Church Hymnal):

- Let All Things Now Living - #560
- When We All Get to Heaven - #633
- Lead On, O King Eternal - #619
- When We All Get to Heaven - #633
- In a Little While We're Going Home- #626
- Whiter Than Snow - #318